OKUTONGOZEBWA 4

Ow'oluganda Neville, era ndeeta okulamusa kwange gye muli olweggulo luno, manya, akawungeezi kano, n'eri mikwano gyaffe abaagalwa, tulina essanyu okukomawo wano nate mu kkanisa akawungeezi kano. Munda muno mulimukko ebbugumu, kale tugenda kugezaako okwanguwa nga bwe kisoboka, tuyingire butereevu mu Bubaka.

Okusooka, tulinawo ebirango bye twagala okuyisa, ne—n'ekyetaago eky'enjawulo eky'okusabira. Ebbaluwa zammwe nzirina wali, ze mwawaddeyo, n'eya mwannyinaffe awulira nga alina ekizimba ku bwongo. Kwabaddeko n'endala ey'ava mu Louisville; n'eya muganda w'omuweereza, nga kitaawe alina obulwadde bw'omutima; era waliwo bangi, abantu bangi abalwadde mu nsi yonna leero. Bangi abatukubira essimu era ddala tubasabira n'emitima gyaffe gyonna, Katonda asobole okutuyamba.

Ebiseera ebisinga ebitundu nga kyenda mu bitaano ku buli kikumi eby'obuweereza bwange bulijjo bubeera ku ekyo, kuba kusabira balwadde, mulaba, naye na—nnafunamu e—nnafunamu endowooza emu egamba nti...weewaawo abalwadde nkyabasabira, kati, ekyo kyo mukijjukire. Ekyo eky'okusabira abalwadde nakyo kigendera wamu n'obuweereza. Naye, ha, singa tusobola okuleeta e—ekkanisa mu kifo kyayo mw'erina okuba, awo, ne tugisimba n'enywezebwa ne tusobola okugenda mu maaso n'omulimu, mulaba. Tulina okugiruŋŋamya, mukiraba, buli kimu ne kiteekebwa nga bwe kirina okuba.

Waliwo ekintu ekirala ekinzigidde mu mutima, mu kaseera katono akaakayita. Ndowoozezza ku musajja omu omukadde eyazirwanako, eyabulako akatono okukutulwako ogumu ku mikono gye, kata akutulweko okugulu. Mu kaseera kano ne wano taliiwo kumpulira. Naye musajja ddala yennyini omulangira, ayitibwa Roy Roberson, era y'omu ku bayima baffe wano mu kkanisa, era mwami Omukristaayo omulungi ddala. Yajja n'asembera awo, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, bambi Pulezidenti tomwerabira." N'agamba nti, "Nnawulidde ennaku bwe nnamulabye nga akka," yamulaba ku ttivvi, "nga ava mu nnyonyi, nga akulukusa amaziga, nga n'omumwa gwe gukyamye erudda." Omanyi, yali wamu ne Roy n'abalala, mu—mu lutalo olwo.

Sigaanye muyinza okuba temukkiriziganya naye ku by'obufuzi, naye asigala ye Pulezidenti waffe. Yee, ssebo. Nze, siri—siri wa kibiina kya ba Democrat wadde ekya ba Republican. Ndi Mukristaayo. Naye mba—mbabuulira,

eky'amazima Pulezidenti Dwight Eisenhower mba—mbadde mwenyumiririzaamu nnyo. Ssebo, ddala abadde musajja wa maanyi nnyo, mu—mu kulaba okwange. Singa abadde wa kuddamu kwesimbawo, nga ndi wa kulonda, nnandizzeemu ne mmuwa akalulu. Ddala bwe kiri. Sifaayo ne bwe—ne bwe yandikaddiye n'atuuka ku myaka kikumi, era akalulu kange nnandikamuwadde, kubanga mmwagala. Kale leka tumujjukire mu ssaala zaffe akawungeezi kano.

J. T., mazima ddala nsiima nnyo olukuŋŋaana olwo olulungi, mwenna, ggwe n'Ow'oluganda Willard lwe mwabadde nalwo wiiki eno. Singa nnayingira ne mbeegattako, mwenna mwandigambye nti, "Kale, kati ka tuwulirize okuva ewa Ow'oluganda Branham kaakano, ne mwogera *kino-na-kiri*." Naye kyali kisingako nze okusigala ebweru ne nnyimirira eyo ne mpuliriza, mmwe temukiraba? Kale. N'olwekyo lwali lulungi.

Nninawo ekkanisa ezimu ezeetaaga abasumba, mwenna bwe muba muzaagala, bwe muba mwetegese kaakano okuyingira ogw'obusumba, bwe muba mwafuna okutendekebwa kwammwe. Nga, ekyo, nzikiriza nga kwo okutendekebwa mutendekeddwa, era munywezeddwa ne musimbibwa. Waliwo eri mu Oregon, waliwo eziri mu Washington, California, ne mu Arizona, n'ebifo ebirala ebitali bimu. Kale bw'oba gy'oli nga wandyagadde okubaako ekkanisa gy'otwala okuba nga ggwe agivunaanyizibwako oba ekintu kyonna, ddala, wano wennyini ky'ekifo ekituufu eky'okutandikiramu, wano wennyini. Kubanga waliwo emmeeme buli wamu wonna eziraajana, ne mu bifo omukuumirwa Abayindi bannansangwa ne yonna gy'oba oyagadde okugenda. Mututegeeze butegeeza, kubanga nzikiriza nti kaakano bavubuka mmwe mumaze okusimba emmizi. Bwe kiri. Ekyo njagala nnyo okubalaba nga bakikola.

Waliwo ali engulu eri Ow'oluganda Ruddell. Nja kuba ŋŋendayo okumukyalira okubaayo n'olukuŋŋaana, mu nnaku ntono. Ajja kubaayo n'enkuŋŋaana, Ow'oluganda Ruddell. Era nzi—nzijukira omuvubuka oyo buli wamu wonna nnateranga kumusindiikiriza busindiikiriza okugendayo, nga ngezaako okumuwaliriza okugenda ebweru eyo abuulire enjiri. Yali mubisi nnyo. Nga awoza kimu, "Nze sisobola kubuulira." Naye kati musaana mumuwulire. Amiina. Olaba? By'oyinza okukola tomanyi bwe byenkana singa oganya Omwoyo Omutukuvu n'aba nga y'akukozesa. Ddala bwe kiri.

Ne Ow'oluganda Graham Snelling mu Utica, n'Ow'oluganda Junior Jackson emmanga eri. Ekkanisa ezo zonna tu—tuzitwala okuba ekkanisa bwe tukkiriza ekimu, zikolaganira ddala wamu naffe. Fenna tuli kimu. Tetukubagana mpawa mu njigiriza zaffe, era essuubi lyaffe n'ebiruubirirwa byaffe, enjigiriza zaffe, byonna bye bimu. Tuyimirira wamu, tuli bumu mu buli kimu kyonna. Ffenna tuli kkanisa emu. Era twagala zisaasaane zibune

buli wamu wonna; tulina ezimu eziri mu Afirika, tulina eziri mu Buyindi, na buli wamu wonna, mu ggwanga. Twagala zisaasaanire wonna, nga zibunya Amawulire.

Ndaba n'abavubuka bano abagenda basituka, nga Ow'oluganda J. T. Parnell wano, ne—n'Ow'oluganda Willard n'abalala, bagenda basituka, abavubuka envuumuulo, nga nze bwe nkaddiwa. Bwe wanaabaawo olw'enkya, be bajja okuba abasajja ab'enkya. Ssaagala Bubaka buno kufa. Tebulina kufa. Buteekwa okweyongerayo mu maaso. Ate ssikkiriza nti tukyalina ebbanga ddene ekiri awo mwe tulina okububunyisiza.

Omwana omuwere gwe baagambye nti yabadde agenda kufa, ndaba obadde naye mu kkanisa olunaku lwa leero lwonna, mwannyinaffe. Ekyo kirungi nnyo. Ekyo Mukama tukimwebaliza, okuba nti Mukama wa kisa, ajjudde okusaasira. Weeyongere bweyongezi kukkiriza ekyakugambibwa wano wennyini, olaba, ajja kutereerera ddala.

Kati, okuyigiriza mukunyumirwa? Okuyigiriza mukwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Oh, ndo—ndo—ndowooza kutukolera ddala bulungi. Kituyambako okuwummulamukko okuva mu by'okusabira abalwadde, n'okulaba okwolesebwa, n'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Weewaawo kati, akawungeezi ka leero tu . . . Olukuŋŋaana bwe lunaaba luwedde, tujja kuddamu nate okusabira abalwadde, akawungeezi ka leero. Ekyo bulijjo twagala tukikolenga, okubatiza omuntu yenna ekiseera kyonna.

Bameka abajjukira lwe nnalawunanga layini z'amasannyalaze? Amazima, nnatalaaganga nga nnawuna layini z'amasannyalaze, emirundi mingi, nnabanga nnina okutambula mayiro asatu olunaku nga mpita eyo mu ttale. Nnabanga nnina okutambula mayiro z'emiti gy'amasanyalaze ebikumi bibiri mu kinaana ez'okulawuna. Nnatambulanga ne nnyingira eyo munda, nga essaati njambuddemu ngikutte mu ngalo, nga, ha, nga nzenna nkooye, ne mpita eyo mu bibira, omwabanga emyeramannyo nga bwe ginfumita. Nga mbaako omulimi gwe nsisinkana ne tutuula wansi w'omuti ne mmubuulira ku by'okubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Nga ayinza okuŋŋamba nti, "Eky'amazima, bulijjo mbaddenga njagala okubatizibwa."

Nga mmugamba nti, "Okuva wano okutuuka ku kagga wali kinnya na mpindi." Nga agamba . . .

Era bangi be ntuttenga emmanga eyo ne mbabatiza mu Linnya lya Yesu. Nga bwe nkola ogw'okulawuna layini, n'amaanyi ddala nga bwe nsobola. Bwe kiri. Emirundi mingi nga ndi na mu ngoye zange ze nkoleramu, mbaddengako ne gwe mbatiza, nga nzika wansi nga nnaakava waggulu ku kikondo ky'amasannyalaze. Bwe nnabeeranga waggulu eyo nga ndiko ekikondo ky'amasannyalaze kye nkolako; n'ogw'okulawuna

waya z'amasannyalaze, nagwo nnali ngukola, kale bwe waabangawo ekikondo kye nnabanga nkolako, n'omusajja gwe nnabanga naye, nga njulira gy'ali ku Mukama waffe. Nga ayinza okuŋŋamba nti, "Naye nno, Billy, lumu ku nnaku zino nja kujja mu kkanisa yo mbatizibwe."

2 Nga mmubuuza nti, "Nga kiki ekikulinza okutuusa lw'olijja mu kkanisa? Wano tuli ku mugga kwennyini, wennyini awali amazzi amangi." Bakwatirewo kati kati. Ky'ekyo. Ako ke kaseera kennyini akatuufu. Firipo yagamba . . .

3 Omulaawe yabuuza Firipo nti, "Amazzi gaagano, ate kiki ekitulobera?" Ddala bwe kiri. Tewali n'ekimu. Bw'oba oli mwetegefu, ekyo kye kiseera kyennyini ekituufu. Towa ssetaani mwagaanya kubaako kintu kyonna ky'akuwagikamu. By'osobola okukola leero leka kubirinza lwa nkya. Olw'enkya oyinza obutalubaamu. Ekyo nzijukira lumu nnakikola, ne njiga, ne kibaako essomo lye kyanjigiriza. Waliwo ekintu olunaku olumu kye nnalina okukola kye nnakandaaliriza ennyo, we bwatuukira enkeera nga kikeerezi nnyo nga tekikyasoboka kukolebwa.

4 Kati, eky'amazima ssaagala kubabeeza wano bbanga lino lyonna. Naye nneesanga nze—nzenna ntwaliriziddwa, nga, simanyi na kumanya, naye mpulira bulungi nnyo okutuusa lwe mba nga nange sikyetegeera, kyenkana. Nga muli mpulira bulungi nnyo.

5 Kati leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera nga tetunnayingira mu Kigambo.

6 Kitaffe ow'omu Ggulu, Ggwe Katonda omulamu, abeera omulamu bulijjo. Enjuba eyaakagwa, enjuba y'emu eyo, Danyeri yagitunuulira nga egwa, Yeremiya yagitunuulira nga egwa, Adamu yagitunuulira nga egwa, Yesu yagitunuulira nga egwa. Era y'ensi y'emu mwe baali era mwe baatambulira, era Okyali Katonda y'omu.

7 Akawungeezi kano waliwo ebyetaago bingi eby'okusabira. Waliwo omusajja alina ekizimba ku bwongo, mwannyinaffe ali mu kutya olw'ekintu ky'ekimu. Ggwe ssuubi lyokka, Mukama, eririwo eri ekizibu ekyo. Ekizimba ekyo kisajjuse nnyo, tewakyali kisobola kukolebwa kukiyimiriza. Abasawo tebakyalina kye bayinza kukikolera. Naye akawungeezi kano tugenda n'envuumuulo yaffe entono, okunona omwana gw'endiga ogwo, okugukomyawo mu kisibo kya Kitaffe. Mu Linnya lya Mukama waffe Yesu tulagiriza essaala yaffe okugenda okusanjaga empologoma, ekizimba ekyo, ekisajjuse, okubakomyawo mirembe mu kisibo.

8 Era nate, ayi Katonda, tujjukira Pulezidenti waffe omwagalwa, ow'oluganda, Dwight Eisenhower waffe. Aluŋŋamizza eggwanga, ayi Mukama, agezezzaako okututangira okuyingira mu ntalo. Yasuubiza n'agamba nti olutalo lwa

Korea lujja kuyimirizibwa ssinga aba n'engeri yonna gy'ayinza okukikolamu. Bamaama bali yabasuubiza nti abavubuka abo ajja kubakomyawo. Naye n'agamba nti, "Ekyo okukikola, sisobola kukikola ku bwange. Weewaawo nsobola okuteekamu amaanyi gange, naye Katonda yekka y'ajja okukikola." Era Wali wamu naye, Mukama, era kati byonna byagonjoolwa. Ekyo lwaki tebaakirabirawo mu kusooka? Ayi Katonda, nkusaba Omuyambe. Wa omukisa emmeeme eyo ey'obuzira, Mukama. Era tukusaba Otulondere omukulembeze anaddako. Leka okwagala Kwo kwe wateekateeka edda kukolebwe, ayi Mukama.

9 Naye Oyo gwe tusinga okwetaaga akawungeezi kano, nga ensonga z'eggwanga lyaffe tuzitadde ku bbali, ye Oyo omukulu era ow'ekitiibwa agenda okujja okuteekawo Obwakabaka obutalibaako nkomerero, Mukama waffe Yesu, Omwana Wo. Lwe balituuma awamu eby'okulwanyisa byonna, akagombe ne kavuga nga tewagenda kuddamu kubaawo ntalo nate. Balisimba ensuku z'emizabbibu ne balya ebibala byamu. Balizimba ennyumba, ne bazisulamu. Era tewaliddamu kubaawo mitawaana nate oluvannyuma lw'ekyo.

10 Tuwe omukisa kaakano nga bwe tuyingira mu Kigambo. Era, Kitaffe, Omanyi ensonga lwaki ku Kyawandiikibwa kino wano kwe nsinzidde nga nnyingira mu Kigambo okukibuulirako. Kiri lwa kubanga muli mpu—mpulira nga Oyagala bwentyo bwe mba nkikola, nti bw'otyo Ggwe nga Katonda bw'oyagala kikolebwe, kiri mu ntegeka Yo, kiri mu . . . y'enkola erina okugobererwa okusobozesa abantu okuzuula ebifo byabwe mwe balina okuba era beetegekere essaawa ey'olutalo. Nga muganda waffe bwe yayogedde mu kusaba kwe nga Akusaba gye buvuddeko nti, "O, Omaze ebbanga dddene nga otutendeka, Mukama." Kaakano, ayi Kitaffe, tuwe ennyota z'okutendekebwa kwaffe. Tusindike ebweru eyo tugende tukole kye tuteekwa okukola, tusobole okuba ku mulimu gwa Kitaffe. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu, Omwana Wo. Amiina.

11 Mbadde n'olweggulo olulungi ennyo eggulo lino nga njogera ne dokita omututumufu mu Louisville, nga njogera ne nnansi we. Baawulira ku bintu eby'ekitiibwa Mukama by'akola. Ne kitaawe wa nnansi oyo naye yali dokita. Bw'atyo nnansi oyo yajja n'atuula mu kasenge kange kyenkana olw'eggulo lwonna mwe yalumala, yali yaakatuuka, n'ajja n'ayingira. Yali muntu omulungi; wabula nga mukalubomukko, nga bwe mumanyi, kakongoliro yennyini, Omupulesibeteriyani ddala, naye yavaayo akulukusa amaziga. Ha, na . . . Katonda abalina bali buli wamu wonna, mu woofiisi za ba dokita, mu ba nnansi. Sisuubira nga waliwo nnansi yenna mu ddwaaliro lya Norton's Infirmary Hospital gwe ssaajulira gy'ali ku kufuna Omwoyo Omutukuvu, n'okumubuuza oba nga yabatizibwa mu Linnya lya Yesu. Tewali dokita yenna gwe nnaasisinkanye, wantu wonna, oba omuntu yen- . . . Mulaba?

12 Kibabuulireko. Wano tetuliiwo kiseera kinene, ow'oluganda. Ka kibeere nga kirabika nga ekikalubo wano, ggwe linda lw'olisomoka n'ogenda emitala w'eri nga ossizza ogw'enkomerero n'okiraba, ku olwo lw'olyejjusa nti kale singa wakikola. Yee, ssebo. Tolinda kutuusa kiseera ekyo, leka tukikole mu kaseera kano kennyini. Eno y'essaawa okukikola. Weewaawo, bayinza obutakkiriziganya nabyo, ne batabuka ne bayomba, naye tebakikola mu bugenderevu. Tebakikola mu bugenderevu. Ba—ba—bantu balungi. Ggwe kasita batandika okuyomba, jjukira—jjukira kimu, nti baba tebagenderera kukikola. Tebakikola mu bugenderevu. Bayinza okuba nga ob'olyawo balina kye baayigirizibwa kale nga bambi bagezaako kwekwata ku ekyo, naawe o—osobole okulaba endowooza yaabwe. Ggwe toyomba nabo, toyomba na muntu yenna, wabula baagale bwagazi okwagala okwo kubasikirize eri Ekyo okukikkiriza. N'ekirala basabire.

13 Kati, ndowooza twatuuse ku lunyiriri olw'o 9, sikakasa. Tukyabuzaayo kinene nnyo okutuuka ku ssuula ey'oku 3, si bwe kiri, bassebo? Naye ha, nze gyendi, Kibadde mubisi gwa njuki mu lwazi! Kati twabadde twogera, mujjukire, kati okusobola okuddamu okufuna omusingi omutonotono kwe tusinziira. Kati, Ow'oluganda Neville, ojja—ojja kuntemyako katono bwe nnaaba sisobodde kulaba budde nga buggwaayo, nsobole okusabira abalwadde. Twagala tukwate ku buli kanyomero konna ke tusobola okukwatako. Ate era akawungeezi ka leero njagala okuyita abo abaagala okulokoka. Bwe . . . Nga kino bwe nkiwumbawumba ob'olyawo ekisigaddeyo ku kyo nnaakisoma busomi.

14 Naye ekigendererwa kya kino, ye ggwe, okulaba ekifo kyo mu Kristo, okirabe nti si kintu kye wagwamu obugwi, oba ekintu ekiyinza okuba nga . . . kye wagwanyizibwa obugwanyizibwa awantu awamu, wabula okirabe nti kintu Katonda kye yakukolera, nga Ye. Tekyali nti wali muntu mulungi nnyo bw'otyo akawungeezi akamu n'ogenda mu kkanisa, ne wabaawo ow'oluganda omu bambi n'akukulembera okugenda ku wolutaali. Nedda si bwe kyali. Wabula kyali nti Katonda, nga ensi tennatondebwa, yakwawulira okufuna Obulamu Obutaggwaawo. Bw'olituukayo ku lunaku luli, ky'ova olaba nga n'ana . . . n'abakadde abiri mu abana bajjako engule zaabwe, buli omu yassa wansi engule ye, buli omu yavunnama ne yeeyala wansi, bonna tewali yalina kintu kyonna kya kwogera, tewaali mubuulizi yenna, tewaali mukadde yenna, tewaali kintu kyonna. Ettendo lyonna lyali lya Mwana gwa ndiga! Katonda alikuŋŋaanyiza mu Ye ebintu byonna ku lunaku olwo. O, singa tulimanya ne tutegeera yali Ani Oyo gwe baakomerera. Kaakati ku . . .

15 Leka tutandikire ku lunyiriri olw'o 8, okufuna omusingi kwe tusinziira.

Kye yasukkiriza gye *tuli mu magezi gonna n'okutegeera kwonna;*

Bwe yatutegeeza ekyama ky'okwagala kwe, . . .

16 "Ebyama by'okwagala Kwe." Kati ekyo mujjukira bwe twakiruddeko? Bameka abaabaddewo wano ku makya ga leero, leka tulabe. Ekyo mujjukira bwe twakiruddeko, "ekyama ky'okwagala Kwe." Kati, si kantu katono, kitegeeza kyama. Katonda ky'ayagala kikolebwe kyama. Era buli muntu ateekwa okunoonya kiki Katonda omusajja oyo oba omukazi oyo ky'amwagaza okukola, ekyo kyama kya Katonda.

17 Tukizuula tutya? Pawulo, kwamutegeezebwa. Yagamba nti teyateesa na muntu yenna, teyateesa na mubiri na musaayi. Teyalina ttendekero lyonna gye yagenda, wadde sseminaaliyo. Teyalina kakwate konna nabyo. Wabula a . . . Yesu Kristo ye yakimubikkulira, Oyo eyamusisinkana nga agenda e Damasiko, mu—mu Kitangaala ekyali nga Empagi y'Omuliro, Eddoboozi ne limuyita. N'agenda mu Buwalabu, n'abeera eyo okumala emyaka esatu. O, ggwe tolowooza nga ekyo kyali kiseera kikulu nnyo, Ow'oluganda Egan? Emyaka esatu nga Pawulo ali eyo mu Buwalabu, n'abaako akayumba k'apangisa awantu awamu mw'abeera, nga bwe yeetala bw'adda eno n'eri mu kayumba ako, n'emizingo gyonna egy'edda. Emizingo emipya tebaagirina mu kiseera ekyo; Pawulo, egisinga obungi ku gyo ye yagiwandiika. Nga bw'afumiitiriza mu mizingo gino emikadde, engeri Katonda, ku ntandikwa, bwe yatwawulira okufuna Obulamu Obutaggwaawo. Nga bwe Yali ow'okutuma Yesu, kibeere nti okuyita mu ssaddaaka eno ffenna tubeere n'eddembe okugenda eri Omuti ogw'Obulamu. "Abo be Yamanyirawo edda, Yabayita; abo be Yayita, Yamala dda okubaggyako omusango; abo be Yaggyako omusango, Yamala dda okubagulumiza." Katonda, okuviira ddala ku ntandikwa y'ensi, yatwawulira okutuuka ku kutongozebwa nga abaana. Kaakano obutonde bwonna businda, nga bulindirira okulabisibwa kw'abaana ba Katonda. Ha, muli ndabira ddala nga Pawulo yalina akaseera akanyuvu. Nneegomba ŋŋamba nyabula singa nnaliyo naye. Ggwe tewandikyagadde?

18 Kati agambye nti, "Yatutegeeza ekyama." Ggwe lumu ojje ofune Omwoyo Omutukuvu mu ggwe, Ekyo otandike okirondoola olabe bwe kigenda. Leero emisana nnafunyeeyo, ha, ndowooza eddakiika nga asatu okusoma okwekkaanya, okuyitaayita mu bye nnaayigirizaako; ndowooza n'okuwera tezaaweze, leka ŋŋambe zaabadde ekitundu ky'ezo, zaabadde eddakiika kkumi na ttaano awo wakati mu kuwummulamu. Era nnafubutuse ne nziruka, nga nneebuuza muli nti, "Ekyama, nga kikusike nnyo!" Bwe kityo Ekyawandiikibwa ne kinkuluggusa ne kintwala mu Ndagaano Enkadde, ate ne kinkomyawo nate mu Ndagaano Empya; ne mbaako ne kye ngatta awamu, ne ndaba ekyama ky'Okujja Kwe, ekyama ky'ebyo by'Ayagala

bikolebwe, ekyama kya ffe okutuula awamu. Jjukira, tewaliiyo sseminaaliyo yonna mwe kisobola kuyigirizibwa. Kyama. Tosobola kukitegeera nga kikuyigirizibwa buyigirizibwa, okuyita mu kuyigiriza kw'eby'eddiini. Kyama ekyakwekebwa kasookedde nsi etondebwa, nga kirindiridde okulabisibwa kw'abaana ba Katonda.

19 Mbuulira, muganda wange, mbuulira, mwannyinaze, kiseera ki ekirala kyonna abaana ba Katonda lwe baalina okulabisibwa bwe kiba nga si kiseera kino kaakano? Okuyita mu byafaayo byonna ddi lwe waali wabaddewo ekiseera, mwe baali ab'okulabisa ekiseera eky'okusumulula obutonde bwonna? Obutonde, obutonde bwo bwennyini businda, nga bulindirira ekiseera eky'okulabisibwa. Kubanga, mu biseera biri ebirala omutango gwali tegunnagabirirwa, mu biseera biri ebirala Omwoyo Omutukuvu yali tannafukibwa, mu biseera biri mu Ndagaano Enkadde yo—yonna, n'okudda emabega eri yonna, waali tewasobola kubaawo kulabisibwa. Kwalina okulinda okutuusa mu kiseera kino. Kati ebintu byonna bireeteddwa, bizze, biwumbibwa wamu okutuuka ku jjinja ery'oku ntikko, okutuuka ku kulabisibwa kw'abaana ba Katonda bakomewo, n'Omwoyo wa Katonda nga ajja mu bantu bano, mu ngeri ddala yennyini, okutuusa obuweereza bwabwe lwe bunaafaananira ddala obwa Kristo okutuusa lwe bunaamugatta Ye wamu n'Ekkanisa Ye ne baba bumu.

20 Bameka abaali basomye ku byafaayo bya zi piramiidi? Ndowooza waliwo wano omukyala omu ayimusizza omukono. Kale.

21 Katonda yawandiika Bayibuli ssatu. Emu ku zo yali Zodiac mu bwengula, nga eyo ye Bayibuli eyasooka. Omuntu yali alina okutunula waggulu ategeere nti Katonda ali waggulu. Ggwe weetegereze Zodiac, wali ogyekkaanyizzaako? Eraga na buli mulembe, n'omulembe gwa kookolo. Eraga entandikwa, es-. . . okuzaalibwa kwa Kristo. Kifaananyi ki ekisooka mu Zodiac? Mbeerera. Kifaananyi ki ekisembayo? Leo empologoma. Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogwasooka n'Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'okubiri, byonna byawandiikibwamu.

22 Kati Bayibuli eyaddako okuwandiikibwa, yali mu mayinja, eziyitibwa "zi piramiidi." Katonda yawandiika mu zi piramiidi. Bw'oziyigako n'ozekkaanya, ojja kulaba ebyafaayo eby'edda n'entalo, n'engeri gye zaazimbibwamu okuzikiriza kw'amataba bwe kwali tekunnabaawo.

23 Ey'okusatu yawandiikibwa ku mpapula, Bayibuli, nga ewandiikirwa ensi ey'abantu aboogi b'obwongo eyali egenda okujja. Kati, nga Katonda bw'azze atambula okuyita mu mirembe, kati tuli mu kiseera kya Leo empologoma. Tuli ku kutikkirwa kwa piramiidi. Tuli mu kitabo ky'Okubikkulirwa, mu ssuula esembayo. Ssaayansi agamba nti wabulayo eddakiika ssatu ettumbi likoone. O, lowooza ku wa we tuli.

24 Era mwekkaanye, leka tulabe ku piramiidi nga eky'okulabirako, nnyangu. Eri mu nkula nga ya njuyi ssatu.

25 Bwe twali wansi wano okutandikira mu biro by'ekkanisa ebyasooka, oluvannyuma lw'okuddaabulula mu kiseera kya Luther, nga omuntu okwatula obwatuzi nti Mukristaayo, kyamuviirangako okusigala nga mulamu oba okuttibwa. Baamuttanga olw'okwatula obwatuzi nti Mukristaayo. N'olwekyo okuyita mu kuyigganyizibwa . . . Buli mulembe, okuyita mu buli kiseera kyonna, wabaddengawo okuyigganyizibwa. "Abo bonna abatambulira mu kutya Katonda mu Kristo Yesu banaayigganyizibwanga." Mu mulembe gwa Luther, kyali kya ntiisa okwatula nti "ndi Muluzalaani." Watwalibwanga nga omuzoole, nga kiyinza n'okukuttisa. Emirundi mingi baabattiranga ku nkondo z'emiti, nga babookya, n'ebirala byonna bye baabakolanga, olw'okubeera Abaluzalaani.

26 Ekiseera ekyo bwe kyaggwaako ekkanisa n'efunda, nga enkula ya piramiidi bw'eri. N'eyingira mu mutendera omulala ogw'ekisa, ogwali okutukuzibwa. Ekiseera kya Wesley, bwe yawakanya ekkanisa y'Abangereza eyali yeeyawudde ku bukatuliki, n'ayigiriza okutukuzibwa. N'era ekkanisa ne baddamu ne babeera ba lubatu, mu kiseera ekyo baayitibwa kibinja kya bazoole.

27 Bameka abali wano abaali Abamesodisiti, oba nga waliko omu ku bo, oba nga olumu walinako akakwate n'ekkanisa y'Abamesodisiti? Kitundu kimu kya kubiri ekyammwe abatudde wano. Mubadde mukimanyi nti ekkanisa y'Abamesodisiti kyenkana lumu baalina Omwoyo Omutukuvu? Nnali ŋŋenzeeko mu kkanisa z'Abamesodisiti ne mbalaba nga bagwa ku ttaka, ne babayiira amazzi mu maaso ne babawujja n'ebiwujjo, okutangira Omwoyo Omutukuvu okubakkako. Ddala bwe kiri. Kati, ago ge mazima, Abamesodisiti twabalina ludda eri mu nsozi z'e Kentucky. Mmwe ab'erudda eno mwegatta bwegassi ku kkanisa. Abamesodisti twabalina ludda eri, n'Ababaputisiti. Twafukamiranga wansi ku wolutaali ne tuzziŋŋannamu amaanyi nga bwe tuwambatiragana okutuusa bwe twabangako ne kye tufuna. Ne tubotola, era okuva awo obulamu bwe twatambulirangamu bwabanga bwa njawulo.

28 Naye mmwe mujja buzzi n'owandiisa erinnya lyo mu kitabo n'ogamba mbu, "Ndi Mumesodisiti." Ne bafunayo akacupa ak'akasaanikira akalimu obutuli ne bakumansirako ku tuzzi, ne bikoma awo. N'oddayo n'oyambala empale ennyimpi, ne weetonaatona, ne weetaba mu mpaka z'embalaasi, mu beetingi, mu zzaala, n'ozannya ebyuma bya zzaala, na buli kimu kyonna, naye nga oli Mumesodisiti omulungi, mulaba. Oyo tabeera Mumesodisiti. Abo beegatta bwegassi ku kkanisa. Bwe kiri. Ababaputisiti, nabo ekintu ky'ekimu, n'Abapulesibeteriyani, n'abalala bonna ekintu ky'ekimu.

29 Nga David duPlessis bwe yabayita, “Abazzukulu, Katonda talina muzzukulu yenna.” Katonda tabangako na muzzukulu yenna. Alina baana, naye talina bazzukulu. Ekyo ddala bwe kiri. Ggwe . . . n’olwekyo abantu abeegatta ku kkanisa y’Abamesodisiti, oba ekkanisa y’Abapentekoote, oba ekkanisa y’Ababaputisiti, mbu kubanga maama wo oba taata wo yali Mupentekoote oba Mubaputisiti, awo ggwe obeera muzzukulu. Bo baali baana. Naye ggwe awo obeera muzzukulu buzukkulu, olaba. N’olwekyo Katonda talina muntu wa ngeri eyo. Abo bwe batyo ekkanisa erina bangi nnyo, naye si—naye si—si e—si . . . Katonda ye tabalina.

30 Kaakati, bino mubyetegereze bulungi, kati yeeyongererayo ddala, nga bw’egenda ekendeerera ddala mu bungi, ekkanisa. Oluvannyuma ne wajja omulembe gw’Abapentekoote. Era amazima gulina obukutubba obuwererako ddala bwe gwasalako. Kati kiki kye gwakola? Abamesodisiti n’Abaluzalaani gwabaleka mabega nnyo.

31 Naye kati Omwoyo Omutukuvu atambudde bukkolokkolo n’afuluma omulembe gw’Abapentekoote. Baakola ki? Beekolamu ebibiina eby’obuntu, ne bagamba mbu, “Ffe tuli ba Assemblies Of God.” “Ffe tuli ba Oneness.” “Ffe tuli ba Twoness.” “Ffe tuyitibwa ba Church Of God.” “Ffe tuli *kino*, oba *kiri*. Tolinaamu mugabo, tosobola kuyingira mu Ggulu okuggyako nga erinnya lyo liwandiikiddwa mu kitabo kyaffe.” O, wulira kasasiro eyenkanidde awo! Sifaayo oba oli Mubaputisiti, oba oli Mumesodisiti, oba oli Mupulesibiteriyani, erinnya lyo okuwandiikibwa mu Kitabo ky’Obulamu liwandiikibwamu nga Katonda y’aliwandiiseemu. Bw’oba wayawulibwa eri Obulamu Obutaggwaawo, Katonda mu ngeri emu, oba endala alikuyita, mu ngeri—mu ngeri emu oba endala. Mazima ddala Alikuyita. “Abo bonna Kitange be Yampa balijja gye Ndi.” Si nsonga kkanisa ki mw’ova, ekyo tekikirinaako kakwate yadde. Naye ekibiina ky’eddiini tekiribaako na kalungi konna ke kirikuyambamu, okuggyako kyandikuziyiza obuziyiza okweyongera mu maaso ne Katonda, naye teki—tekirikukolera kirala kyonna. Kijja kukukuŋŋaanya bukuŋŋaanya wamu na kibiina ekirimu abakkiriza n’abatakkiriza. Abo weewaawo, obasisinkana buli w’olaga wonna, ekyo ne mu Ggulu baakirina. Kale, ekyo tekirinaako buzibu bwonna, naye obuzibu ye ggwe okuba nti ekibiina ky’eddiini yo ky’otunuulidde. Tunuulira Yesu, Oyo ye w’Okutunuulira.

32 Kati nga bwe tutuuka ku . . . baalina . . . Bameka . . . Nzikiriza yabadde mukyala ono ali wano y’eyayimusizza omukono gwe, nti yasomako ku bikwata ku zi piramiidi. Ndowooza okimanyi nti, piramiidi yali teyatikkirwa, si bwe kiri? Teyateekebwako jjinja litikkira. Tebaalissaako, baalemwa n’okulizuula. Kyonna ekyalituukako tebakimanyi. Lwaki? Lwaki teyateekebwako jjinja litikkira, ejjnja ery’oku ntikko, waggulu waayo? Kubanga

Yagaanibwa bwe Yajja. Ye yali Ejjinja eryagaanibwa. Bwe kiri. Naye eritikkirwa gye bujja. Ekyo kituufu. Era kati amayinja ago agakwatagana awamu n'Ejjinja eryo ery'oku ntikko, galiba galina okuba amayinja agaliba gafaananira ddala Ejjinja eryo, okuba nti galikwataganira ddala wamu nalyo, ku buli nnyingo ne buli—buli wamu. Piramiidi yazimbibwa nga amayinja gaayo gonna geekutte wamu tosobola na kugayisaamu kagirita wakati waago, amayinja ago we baagagattira. Enzimba amatiribona. Agamu ku go gaali gazitowa ebikumi n'ebikumu bya ttani mu kugambusa waggulu eyo, kyokka ne gapangibwa bulungi wamu buli limu ku linnaalyo.

33 Ne Katonda bw'atyo naye bw'azimba Ekkanisa Ye. Ffenna tuyungibwa wamu nga tukwataganira ddala bulungi, nga tulina omutima gumu n'emmeeme emu. Kati omuntu omu ayinza okugamba nti, "Naye, Abaluzalaani tebaalina kintu kyonna." Ekyo tokikkiriza. Abaluzalaani balizuukira mu ngeri y'emu nga n'abalala bonna bwe balizuukira. Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, n'abaana ba Katonda abalala, bonna balizuukira mu kuzuukira okwo. Kati eyo y'ensonga lwaki leero abantu bagamba mbu, "Ha, kati, wajja kubaawo okudda obuggya okutandikawo kusaasaanire buli wamu kulokole Abapentekoote obukadde kikumi. Bonna balokoke olwo Okukwakkulibwa kulyoke kubeewo." Mwakitegeera bubi. Weewaawo Okukwakkulibwa okwo kujja kubaamu emitwalo n'emitwalo, ekyo kituufu, naye mu abo mulibaamu n'abo bonna abazze balokoka okuyita mu myaka kakaaga egy'obulokozi, emyaka akakaaga egiyise. Omuntu atambulira mu Musana nga Omusana bwe guba gumujjidde, n'entindo azisomoka amaze kuzituukako. Kati, ssinga Omusana ogwo agugaana, alekebwa mu kizikiza. Naye abeera alina kusigala nga atambula agenda mu maaso!

34 Kati, mulabeeyo, kati kitegeeza Okujja kwa Mukama waffe Yesu kusemberedde ddala okutuusa nti Omwoyo okuva erudda wano eno. . . yatandikira mu kuggyibwako musango, okutukuzibwa, kubatizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu, naye kati tuyingira mu kiseera ddala kyennyini eky'okujja kw'Ejjinja ery'oku ntikko. Ekkanisa eteekwa okufaananira ddala nga Kristo okutuusa Kristo n'Ekkanisa lwe banaasobola okwegatta awamu, mu Mwoyo omu. Era Omwoyo wa Kristo bw'aba mu ggwe, Akuleetera okutambulira mu Bulamu bwa Kristo, okweyisa nga Kristo, okukola emirimu gya Kristo. "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Ekyo Yesu ye yakyogera. Mukiraba? Kati tugenda kubeera ne, tulina obuweereza obugenda okujja obufaananira ddala n'obulamu bwa Kristo. Obuweereza obwo bwoleka ki? Bwoleka Kujja kwa Mukama waffe.

35 Mulabe ebigenda mu maaso mu nsi olwa leero, mulabe Khrushchev by'ayogera, n'ebintu ebirala eby'amaanyi bino

byonna, n'obukuubagano obw'amaanyi okwetooloola ensi obunaatera okubalukawo, essaawa yonna, ensi eyinza okufuuka ensaano akatikitiki konna. Ddala bwe kiri. Era ebyo ssinga, tumanyi nga ebyo ddala bibindabinda. Omuntu yenna ategeera asobola okusoma empapula z'amawulire oba okuwuliriza leediyo, n'akitegeera nti bibindabinda. Naye, mujjukire nti, Kristo ajja n'akima Ekkanisa Ye nga ebyo tebinnabaawo. Kati Okujja kwa Mukama waffe Yesu kusembedde kwenkana wa? Ob'olyawo kwandibaawo nga olukuŋŋaana luno terunnaggwa ekiro kya leero. Tuli mu biro bya nkomerero. Mazima ddala bwe kiri.

36 Mwetegereze ekkanisa nga bw'ezze, nga bw'ezze etambula. Mugifumiitirizeeko, mmwe bannabyafaayo abasoma ebyafaayo. Mulabe ekkanisa y'Abaluzalaani wansi w'okuggyibwako omusango, nga y'akafuluma eti Obukatuliki, mugyekkaanye bwe yatambula. Bwe muva awo mulabe Wesley bwe yeeyongera okusembera, n'ayingira mu kutukuzibwa, nga bw'akwatagana n'Ebyawandiikibwa. Mulabe ekyaddako wakati awo, okuva ku Wesley. N'ekiddako awo kwe kuyingirawo kw'omulembe gw'Abapentekoote. Era omulembe gw'Abapentekoote ne gujja n'okuzzibwawo kw'ebirabo, ebirabo eby'omwoyo. Kati, mulabe n'omulembe kaakano ogutuukira ddala ku Jjinja ery'oku ntikko. Mulaba kye ntegeeza? Okujja kwa Mukama waffe, nga kutegeezebwa. Katonda wamu n'obutonde bwonna balindiridde ekkanisa okuzuula ekifo kyayo mw'erina okuba.

37 Omutawaana gwe tulina ensangi zino, nze . . . kyenkana buli omu gwe nsisinkanye. Nnaggyibwa ku lukalala, twali . . . Nnalina okusooka okwekebejjebwa omubiri, nga bwe mumanyi, bw'obeera ogenda emitala w'amayanja, mmwe abaminsani n'abalala ekyo mukimanyi. Bwe nnali mu kwekebejjebwa okwo banfulumya ne banzija mu kasenge, nnali nva kunywa bi . . . byandabikira nga eŋŋaano gye bagoyezza, oba emmere, oba ekintu bwe kityo, kati bye na—nnali nva okunywa. Ne nfulumayo, ne mbaako ne we ntuula, ne nninda okumala eddakiika asatu okulaba oba nga binaafuluma mu lubuto oba nedda. Ne ntunula erudda, nga waliwo omukazi omutonotono, nga alabika nga anaatera okufa. Nga yenna . . . alina obugulu n'obukono. Ne mbeera nga bwe nsenvula okuva ku musajja ono okudda ku musajja addako, n'okuva ku musajja ono okudda ku musajja addako, nga bwe nneeyongera okusemberera omukazi, okutuusa lwe nnatuuka we yali. Mukazi wattu nga yenna alabika nga anaatera okufa. Ne nsemberera ddala we yali, ne mmugamba nti, "Nsaba kukubuuzaako, nnyabo."

N'aŋŋamba nti, "Oli otya?" Ha, yali mulwadde nnyo!

Ne mmubuuza nti, "Buzibu ki?"

38 N'anziramu nti, "Nnagenda mu Tucson okukyalira muwala wange. Ne ndwala, naye balemeddwa okuzuula ekinnuma."

39 Ne mmugamba nti, "Nnina kye njagala okukubuuza." Ne mmugamba nti, "Ndi mubuulizi wa Njiri. Oli Mukristaayo? Oli mwetegefu okugenda singa akaseera ako katuuka?"

N'anziramu nti, "Ndi mmemba wa kkanisa *gundi*."

40 Ne mmugamba nti, "Ekyo si ky'ekibuuzo kye nkubuuzizza. Oli Mukristaayo eyajjula Omwoyo Wa Katonda nga oli mwetegefu okugenda nga Akuyise?" Nga omukazi ne kye njogerako takimanyi. Mulaba? Oh, embeera ensi mw'eri nga ya nnaku nnyo!

41 Kati, "bwe yatutegeeza ebyama ky'okwagala Kwe," okujja kwa. . . Muleke mbeeko ne kye mbasomera. Nnali nsoma. . . Leka tubikkule tulabe "ekyama ky'okwagala Kwe." Leka tubikkuleko wano mu Abaebbulaniya, essuula ey'o 7 ey'Abaebbulaniya, nzikiriza we kiri. Nnina kye njagala okubasomera ekinaabaleetera okuwulira obulungi ennyo bwe tulowooza ku ky'okutuula awamu mu bifo eby'omu Ggulu. Abaebbulaniya, essuula ey'o 7.

> *Kubanga Merukizeddeeki oyo,* (Kati mwekkaanye.) *kabaka w'e Ssaalemi, kabona wa Katonda ali waggulu ennyo,. . .*

42 Kaakati ekyama kye kiruwa? Ekyama kiikino, mwekkaanye kino. Omuntu ono y'Ani, "nga, atutegeeza, ekyama ky'okwagala Kwe," Merukizeddeeki ono? Nkyalinzeeko buli omu amale okutuukawo, ndaba mukyabikkula Bayibuli. Abaebbulaniya, essuula ey'o 7, nga Pawulo y'ayogera, omusajja y'omu eyayogera mu Baggalatiya.

> *Kubanga Merukizeddeeki oyo, kabaka w'e Ssaalemi, kabona wa Katonda ali waggulu ennyo,. . . eyasisinkana Ibulayimu ng'akomawo ng'ava okutta bakabaka, n'amusabira omukisa;*
>
> *Era Ibulayimu gwe yagabira* ekitundu, *eky'ekkumi ekya byonna; eky'oluberebery e mu* kutegeezebwa, *Kabaka wa butuukirivu,. . . era eky'okubiri. . . Kabaka w'e Ssaalemi,* (Omuntu ono Y'ani?) *nga, ye Kabaka ow'emirembe;*
>
> *Atalina kitaawe, atalina nnyina, atalina bajjajjaabe, atalina lunaku lwe yasookerako,* wadde enkomerero *y'obulamu;. . .*

43 Omusajja ono yali Ani? Yali Ani? Teyalina kitaawe, Teyalina nnyina, Teyalina ddi lwe Yatandika, wadde okuba n'ekiseera lw'Alifa. Yasisinkana Ibulayimu nga ava okutta bakabaka. Yali akola ki? Yali agenze kunonayo Lutti, muganda we eyali yabula, okumukomyawo. Bw'atyo n'atta bakabaka; era nga, bakabaka abo be yali asse; nzikiriza baali bawera nga kkumi oba kkumi na bataano, wamu n'obwakabaka bwabwe. Naye Ibulayimu yakwasa abaddu be eby'okulwanyisa n'agenda okumukomyawo,

ne yeeyawula ekiro, mulaba, bwe yamuzuula mu kiro. O, ow'oluganda, kati tukolera mu kizikiza, Omusana gwokka gwe tulina gwe Musana gw'Enjiri. Naye yeeyawula, n'agenda n'amuzuula era n'amukomyawo. Era aba akomawo, nga olutalo luwedde!

44 Muleke tubikkuleko mu Lubereberye 14, katono, okusobola okulambulula emboozi eno ebeere nga etegeerekeka bulungi. Ka tubikkule wano mu Lubereberye, ey'ekkumi n'e-. . . nzikiriza essuula ey'e 14, Lubereberye 14. Weewaawo ye yo, leka tubikkule mu Lubereberye 14:18, we tuba tutandikira. Leka tutandikireko emabega w'olwo katono. Leka tutandikire ku, lweelwo, olunyiriri olw'e 18, Lubereberye 14:18, "Ne Merukizeddeeki. . ." Kati, awo Ibulayimu nga akomawo ava okutta bakabaka. Yakomawo, era aba akomawo, nga akomyawo Lutti, n'abantu bonna abaali bawambiddwa. Bonna!

45 Nga Dawudi, eyagenda n'akomyawo e. . . Dawudi yakola ki? Yakwata envuumuulo entono, n'agenda asikambula omwana gw'endiga guno okuva mu kamwa k'empologoma. Ggwe lowooza ku kukwata envuumuulo, n'ogenda otaase omwana gw'endiga. Ddala ekyo ani ayinza okukikola? Mumbuulire musajja ki wano ekyo asobola okukikola, yimusa omukono gwo. Nja kukugambirawo nti oli mukyamu. Nange mulaba ogwange siguyimusizza. Nedda, ne bwe mba na mmundu ey'ekika kya asatu zero mukaaga, era siyinza kwetantala kugyeŋŋanga. Naye ye yagyeŋŋanga alina nvuumuulo, akantu akalinga eddiba, nga kaliko obuguwa bubiri, obukazingiriddwaako. Kubanga. . . Era Goliyaasi olwatandika ati okwenyumiriza nga bwe yalinga yeenyumiriza, n'alumba Goliyaasi, n'amugamba nti, "Katonda w'Eggulu yansobozesa okununula omwana gw'endiga okuva mu kamwa k'empologoma, n'okuva mu kamwa k'eddubu." Yali akimanyi nti envuumuulo si y'eyakikola. Gaali maanyi ga Katonda agaagenda naye. Ye Yakomyawo omwana gw'endiga ogwo.

46 Era ekyo kye twogera leero. Katonda akyalina ba Dawudi abakyasigaddewo, yee, ssebo, abaliisa endiga za Kitaffe. Era olumu n'olumu wayinza okujja ekizimba, oba kkookolo n'ajja, oba ekintu ekirala, ne kisukka omusawo ky'ayinza okukola okuyamba. Naye ekyo Dawudi oyo tekisobola kumuziyiza, ajja kulumba bulumbi yeŋŋange ekintu ekyo, nga alina akavuumuulo, akagamba nti, "Musabe ekintu kyonna mu Linnya Lyange, kinaabaweebwa." Ssifaayo, abasawo bayinza okumusekerera, na buli omu yenna n'amusekerera, naye era ajja kugenda mu maaso na kukyeŋŋanga, akomyewo endiga eyo mu kisibo. Yee, ssebo. "Ono mwana wa Katonda, muggyeeko engalo zo!" Yawuttula empologoma eno n'agisuula ku ttaka, empologoma n'esituka, n'agikwata ekirevu n'agitta; akalenzi akagubaasidde, nga ob'olyawo kazitowa kiro nga asatu oba ana.

47 Mwetegereze. Merukizeddeeki, Kabaka w'e Ssaalemi ekitegeeza nti Kabaka w'emirembe, nga ate ddala Ssaalemi yali eri emitala w'akasozi. Ye yali Kabaka w'e Yerusaalemi, yali Ye. Ky'ekyo kyennyini kye Yali, Kabaka w'e Yerusaalemi. Nga, Yerusaalemi kyasooka kuyitibwa Ssaalemi, ekitegeeza emirembe; Yerusaalemi bwe kityo bwe kyali kiyitibwa mu kusooka, nga tekinnayitibwa Yerusaalemi. Ye yali Kabaka wa Yerusaalemi. Ye yali Kabaka w'obutuukirivu, Kabaka w'emirembe, Kabaka w'e Ssaalemi. Teyalina kitaawe, Teyalina nnyina, Teyalina ntandikwa ya lunaku, Teyalina nkomerero ya bulamu, Teyalina bajjajjaabe. O, o, o! Omuntu ono y'Ani? Mumwekkaanye. Olutalo bwe lwaggwa, nga atuuse ku buwanguzi, mwekkaanye bye Yayogera. "Ne Merukizeddeeki," olunyiriri olw'e 18, essuula ey'e 14, ey'Olubereberye.

Ne Merukizeddeeki kabaka w'e Ssaalemi n'aleeta emmere n'omwenge: era ye yali kabona wa Katonda ali waggulu ennyo.

N'amusabira omukisa, n'ayogera nti, Aweebwe omukisa Ibulaamu owa Katonda ali waggulu ennyo, nnannyini ggulu n'ensi:

Era Katonda ali waggulu ennyo atenderezebwe, akugabidde abalabe bo mu mukono gwo. N'amuwa ekitundu eky'ekkumi ekya byonna.

48 Ka tweyongereko mu maaso nga tusoma.

Kabaka w'e Sodoma n'agamba Ibulayimu *nti, Mpa nze abantu, ebintu obyetwalire ggwe.*

Ibulaamu n'agamba kabaka w'e Sodoma nti, Nnyimusizza omukono gwange eri MUKAMA, *Katonda ali waggulu ennyo, nnannyini ggulu n'ensi,* (Muwulire bulungi ekyo engeri gye yamusomera ennyukuta zaakyo, hum, engeri gye yakimuwa!)

Nga ndayira nti ssiritwala kaguwa newankubadde akakoba k'engatto, *newankubadde akantu konna k'olina,* yadde *akantu konna k'o*. . . oleme okwogera, newankubadde *ku ebyo ebibyo*, *oleme okwogera nti, Mmugaggawazizza Ibulaamu:*

Wabula ebyo abavubuka bye balidde, . . .

49 Mwekkaanye Merukizeddeeki ono nga yaakasisinkana ati Ibulayimu nga ava okutta bakabaka. Kaakano nga ekyama kya Katonda bwe kitegeezeddwa! Yali Ani? Teyalina. . . Tebasobola kumuzuulako bimukwatako byonna, kubanga Teyalina kitaawe, Teyalina nnyina, Teyalina kiseera lwe Yatandika, Teyalina kiseera kyonna lw'Alifa, n'olwekyo kyonna kye Yali Akyali mulamu na buli kati. Teyalina lwe yatandika, n'olwekyo Tayinza kuba mulala yenna okuggyako El, Elah, Elohim; eyeebeezaawo yekka, abeera ku bubwe, Katonda Ayinza byonna!

50 Yesu yalina Kitaawe, Yesu yalina nnyina; Yesu yalina entandikwa y'ennaku, Yesu yalina enkomerero y'obulamu obw'oku nsi. Naye ono Omusajja teyalina kitaawe newankubadde nnyina, amiina, teyalina kitaawe teyalina nnyina. Yesu bombi Kitaawe ne nnyina yabalina. Ono Omusajja ye teyalina kitaawe teyalina nnyina. Amiina. Era Yakola ki, nga olutalo luwedde, nga Ibulayimu amaze okuyimirira mu kifo kye?

51 Nga Ekkanisa emaze okulinnya mu kifo kyayo mw'erina okuba, tuyitibwa eri okutongozebwa nga abaana, nga Omwoyo Omutukuvu y'atuyita. Era buli muntu bwamala okulinnya mu kifo kye mw'alina okuba, Katonda kye yamuyitira okukola, ayimirira okutuuka ku nkomerero y'olugendo, nga anoonya abaabula.

52 Ekisooka, Pawulo aggyawo okutya kwonna, nga agamba nti kati, "Bw'oba nga ddala wayitibwa, nga tokyamuukiridde bukyamuukirizi lwa njigiriza ya ddiini, nga ddala wazaalibwa Omwoyo, kitegeeza Katonda yakwawula nga n'ensi tennatondebwa, erinnya lyo n'aliteeka mu Kitabo ky'Omwana gw'endiga eky'Obulamu, era kati tukuŋŋaana awamu okutuula mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu. Abantu abatukuvu, eggwanga ettukuvu, abantu ab'envuma, bakabona ab'olulyo olulangira, nga tuwaayo ssaddaaka ez'omwoyo eri Katonda, nga, by'ebibala by'emimwa gyaffe nga tutendereza Erinnya Lye."

53 Abantu bajja ne bagamba mbu, "Abantu abo balalu." Kituufu balalu; kubanga amagezi ga Katonda busirusiru eri omuntu, n'amagezi g'omuntu busirusiru eri Katonda. Byombi, buli kimu kikontana n'ekirala.

54 Naye ekkanisa nga ejjulidde ddala Omwoyo, ejjudde amaanyi ga Katonda, babeera batudde wamu mu bifo eby'omu Ggulu, nga bawaayo ssaddaaka ez'omwoyo, nga bayimba amatendo ga Katonda, Omwoyo Omutukuvu abeera atambulira mu makkati gaabwe, nga ayasanguza ekibi n'okuyitayo ebintu ebikyamu ebiri mu makkati gaabwe, n'okubigonjoola n'okubitereeza. Lwaki? Kubanga bulijjo mu Kubeerawo kwa Katonda wabeerawo Ssaddaaka eyo ejjudde omusaayi.

55 Kati mujjukire, twakiyiseemu ku makya ga leero. Nti Omusaayi si gwe gwakulokola, wabula Omusaayi *gukukuuma* bukuumi nga oli mulokole. Wabula kisa kye kyakulokola, okuyita mu kukkiriza, nga okkiriza Ssaddaaka eyo. Katonda yakonkona ku mutima gwo kubanga Yali yakwawulirawo dda. Era bw'otyo wayimusa amaaso go waggulu n'okikkiriza, n'okisembeza. Kati Omusaayi gutangirira ebibi byo. Mujjukire, nnagambye nti, "Katonda tasalira mwonoonyi musango kugumusingisa olw'okwonoona." Okusooka kwa byonna mwonoonyi. Omukristaayo gw'Avunaana olw'okwonoona. Era olw'okubanga Amuvunaana, Kristo yatwala okunenyezebwa

kwaffe. N'olwekyo tebaliiko kunenyezebwa abali mu Kristo Yesu, abatagoberera mubiri, wabula nga bagoberera Mwoyo. Era bw'obaako ekikyamu kyonna ky'okola, obeeera togenderedde kukikola. Toyonoona kagenderere. Omuntu ayonoona kagenderere, agenda n'ayonoona mu bugenderevu, oyo aba tannayingira mu Mubiri ogwo. Naye omuntu bw'aguyingiramu, aba afudde, nga obulamu bwe bukwekeddwa mu Katonda, okuyita mu Kristo, nga assibiddwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu, nga ssetaani tasobola na kumutuukako, ali munda ddala eri. Abeera alina kusooka kufulumayo ssetaani n'alyoka asobola okumutuukako. "Kubanga obeera mufu!"

56 Ggwe ojje ogambe omufu nti oli munnanfuusi olabe ekinabaawo. Musambe mu mbiriizi omugambe nti, "Ggwe munnanfuusi, ggwe," tajja kukunyega kigambo kyonna. Bwe kiri, ajja kusigala nga agalamidde awo.

57 Bw'atyo n'omuntu eyafiira mu Kristo osobola okumuyita omunnanfuusi, osobola okumuyita kyonna ky'oyagala, tajja kwegugunga yadde. Bw'aba ow'okubaako ne ky'akola kyonna, ajja kubaako ne weyeekweka akusabire. Ddala bwe kiri. Naye, ha, abamu ku bo balamu tteke. Y'ensonga lwaki ndowooza nti, tulina kuziika bafudde. Abo abaafiira mu Kristo, ne tuba nga be tuziika mu mazzi. Emirundi egimu tuziika abantu bangi nnyo abakyali abalamu, abakyajjuddemu ettima n'okuyomba, era mwebali bangi nnyo mu kkanisa. Naye tetusobola kubaawula kumanya be baliwa, naye Katonda asobola. Amanyi abantu Be. Amanyi endiga Ze. Amanyi buli ddoboozi. Amanyi abaana Be. Amanyi ani gw'Ayinza okuyitayo, Amanyi gwe Yayawula edda. Amanyi ani gwe Yawa ebintu bino, ne ani mw'Anaayita okweyoleka. Engeri gy'A. . . Katonda asobola okuba n'obwesige mu baana Be, ku kye banaakola, nga Akimanyi nti bajja kukolera ddala ekyo kyennyini ekirina okukolebwa.

58 Ekyo mukkiriza nti Katonda akikola? Ddala, Ssetaani lumu yagamba—yagamba Yobu. . . lumu yagamba Katonda nti, "Eky'amazima, Olina omuweereza."

59 Katonda n'amugamba nti, "Mu nsi tewaliiyo alinga ye. Musajja atuukiridde." Yamulinamu obwesige.

60 Ssetaani kwe kugamba nti, "Ha, ekyo kyeraga bwerazi, buli kimu kimutambulira bulungi. Mumpe mmukwatemu Olabe bw'ataakukolimire."

61 Katonda n'agamba nti, "Wuuyo mmukuwadde, naye toggyaawo obulamu bwe." Mukiraba? N'amukola buli kimu kyonna kye yayagala nga oggyeeko okuggyawo obulamu bwe.

62 Naye, ha, Yobu, mu kifo ky'o. . . kiki kye yakola? Yakolimirako Katonda mu kiseera ekyo Katonda bwe yatwala abaana be, ssetaani bwe yamukola ebintu bino byonna ebibi, na buli kimu kye yamukola? Yobu teyabuuza bibuuzo. Yavvunnama buvvunnami ku bwenyi bwe n'asinza. Aleeruuya! N'agamba

nti, "Mukama ye yampa era Mukama y'aggyeewo, Erinnya lya Mukama lyebazibwe!" Kiikyo.

63 Katonda yali amanyi obwesige Bwe bw'alina mu Yobu. Katonda amanyi asobola kukwesiga kyenkana wa. Amanyi asobola kunneesiga kyenkana wa. Naye kati kye twogerako wano kwe kuteeka omwana ono mu kifo kye.

64 Kati, Bayibuli bw'e. . . Olutalo bwe luliggwa, nga buli kimu kyonna kiwedde, olwo tulizzaako ki? Olutalo bwe luggwa tuzzaako ki? Mumanyi kye tuzzaako? Tusisinkana Merukizeddeeki. Ka tubikkule mu Matayo 16:16, mangu nnyo, tulabe oba nga ekyo kituufu oba si kituufu. Enjiri y'Omutukuvu Matayo, essuula ey'e 16 n'olunyiriri olw'e 16. Nkakasa kiri awo, mu Matayo 16:16. Matayo mukaa-. . . Nedda, si ky'ekyo, tekiyinza kubeera kumpi awo. 26:26. Oo, wano mu y'e 16, Ayogera ne Simooni; munsaasire, ekyo si kye ŋŋenderedde okwogera. 26:26, kubanga kyaliwo awo nga banaatera okulya ekyeggulo ekyasembayo, ako ke katundu ke ngezaako okutuukako. Matayo, essuula eya 26 n'olunyiriri olwa 26. Kati tukifunye, tutuuseewo, ku kyeggulo ekyasembayo.

> *Era baali bakyalya, Yesu n'atoola omugaati, ne yeebaza, n'agumenyamu, n'awa abayigirizwa* Be, *n'agamba nti, Mutoole, mulye; guno gwe mubiri gwange.*
>
> *N'atoola ekikompe, ne yeebaza, n'abawa ng'agamba nti, Munywe ku kino mwenna;*
>
> *Kubanga kino gwe musaayi gwange ogw'endagaano empya, oguyiika ku lw'abangi olw'okuggyawo ebibi* (e-b-i-b-i, ebibi, Abakristaayo abakola ebintu ebikyamu).

65 Kale, "Naye—naye. . . " Muwulirize, olunyiriri olwa 29.

> . . . *Mbagamba nti, Ssirinywa n'akatono okusooka leero ku guno ogubala ku muzabbibu, okutuusa ku lunaku luli lwe ndigunywa* obuggya *awamu nammwe mu bwakabaka bwa Kitange.*

66 Ekiki? Ekintu kye kimu Merukizeddeeki kye yakola nga Ibulayimu amaze okufuna ekifo kye. Yakunga abasajja be, olutalo n'aluwangula, era bwe yali akomyewo eka, Merukizeddeeki n'ajja n'omugaati n'enviinyo. Olutalo bwe luliba luwedde, tulirya Ekijjulo ky'Embaga ey'obugole wamu ne Yesu mu nsi empya. O, Erinnya lya Mukama lyebazibwe. Kale.

67 "Ebyama by'ebyo by'Ayagala bikolebwe, okusinziira ku kusiima Kwe okulungi," tuzzeeyo nate mu Abaefeso 9, "kwe Yamalirira mu Ye."

> *Olw'obuwanika obw'omu kiseera ky'okutuukirira* kw'ebiro. . .

68 Kati ekyo mujjukire nti twakibuuse. Abaefeso, essuula 1, n'olunyiriri olw'e 10.

Olw'obuwanika obw'omu kiseera ky'okutuukirira kw'ebiro . . .

69 Kati, twayize nti okutuukirira kw'ebiro kulindiridde ki? Okutuukirira kw'ebiro, ekiseera ekibi lwe kirikoma, ekiseera okufa lwe kulikoma, ekiseera endwadde lwe zirikoma, ekiseera ekibi lwe kirikoma, ekiseera ebyakyamizibwa byonna (ebintu ebyakyamizibwa, ssetaani bye yakyamya) lwe birikoma, nga n'ebiseera byennyini nabyo bikomye. Mwetegereze.

Olw'obuwanika obw'okutuukirira kw'ebiro asobole *okugattira awamu . . . ebintu byonna mu Kristo, ebiri mu ggulu, n'ebiri ku nsi; mu oyo:*

70 "Okugattira awamu ebintu byonna mu Kristo." Nga bwe nnagambye ku makya, nti ensonga zino zonna enkulu ennyo era ez'omuwendo ze tugenda tuzuula, n'obuntu buno obw'ensonga, osobola okubirambulula okuva mu Lubereberye, osobola okubirambulula mu Kuva, osobola okubirambulula mu Kyabaleevi, n'ojja nga obirambulula, era w'onaatuukira mu Kubikkulirwa bijja kukomekkereza nga ye Yesu. Ggwe wekkaanye Yusufu, wekkaanye Ibulayimu, wekkaanye Isaaka, wekkaanye Yakobo, wekkaanye Dawudi, baako emu ku nsonga ezo enkulu ennyo era ez'omuwendo gye wekkaanye, abasajja ba Katonda abo, olabe oba t'olabe Yesu nga alabisibwa mu buli omu ku bo. "Asobole okugattira awamu ebintu byonna mu Omu, Kristo Yesu."

71 Kati, ka tweyongereyo katono, kati olunyiriri olw'e 11.

Mu oyo naffe mwe twafunira obusika . . .

72 O, "obusika." Omuntu ateekwa okubaako ne ky'akulekera, ky'onaasikira. Ekyo si bwe kiri? Obusika! Busika ki bwe tulina? Busika ki bwe nnalina? Saalina busika bwonna. Naye Katonda yandekera obusika bwe Yawandiika erinnya lyange mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga ensi tennatondebwa.

73 O, oyinza okuŋŋamba nti, "Naye kati, sooka olindeko, ow'oluganda, ekyo mbadde Yesu ye yakikola bwe Yakufiirira." Nedda, si Ye yakikola. Yesu yajja kunsasulira busasulizi busika obwo. Ggwe soma olunyiriri lwe- . . . lwennyini oluddako.

Mu oyo naffe mwe twafunira . . . mwe twafunira obusika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoza byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe okulungi*:*

74 Katonda, nga n'ensi tennatondebwa, nga bwe twazze tukisimba okuyita mu ky'okuyigako bwe twabadde tuyiga, bantu mmwe, nga bwe twalabye nti Katonda yali yeebeezaawo yekka, ne tulaba mu Ye bwe mwalimu okwagala. Mu Ye mwalimu eky'okubeera Katonda; naye tewaaliyo kintu kyonna kya kumusinza. Mu Ye mwalimu eky'okubeera Kitaffe; mwalimu . . . Yali abeera Yekka. Mu Ye mwalimu eky'okubeera Omulokozi; naye tewali kyali kibuze. Mu Ye mwalimu eky'okubeera

Omuwonya. Obwo bwe busobozi obw'enjawulo obwamulimu. Naye tewaaliwo kintu kirala kyonna. Bw'Atyo Ye Kennyini Mwene, okuteesa Kwe okulungi kwe kwavaamu ebintu bino ne bibaawo, Asobole nate okugattira awamu ebintu byonna, okuyita mu Muntu ono omu, Kristo Yesu. O! "Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kuta . . . " Y'ensonga lwaki kintu kya kyewuunyo!

75 Mulabeeyo, "yatwawulira dda okufuna obusika buno." Bwemba nga ndi musika wa kintu omutuufu, ssinga Katonda ajja n'akonkona ku mutima gwange n'aŋŋamba nti, "William Branham, Nnakuyita dda, nga n'ensi tennatondebwa, okubuulira Enjiri," kitegeeza nnina obusika, obusika obw'Obulamu Obutaggwaawo. Kati, Katonda yatuma Yesu okufuula obusika obwo obwannamaddala gyendi, kubanga tewaaliwo kintu kyonna kye nnali nsobola kukola ku—kubusikira. Bwali bwereere, nga ddala weebuli, nga tewali kye nsobola kukola. Naye mu kutuukirira kw'ebiro Katonda, mu biro Bye ebituufu yatuma, Yesu Omwana gw'endiga, ogwattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Omusaayi Gwe ne guyiibwa nsobole okugenda eri obusika bwange. Okubeera ki? Busika ki? Okubeera omwana, okubeera omwana wa Katonda.

76 Kati Kino kyandibalakira si na kindi n'okubatta kibatte. Naye mubadde mukimanyi nga abaana ba Katonda babeera bakatonda abatono? Ekyo bameka ababadde bakimanyi? Bameka abakimanyi nti bw'atyo Yesu bwe yagamba? Bayibuli, Yesu yabuuza nti, "Amateeka gammwe tegagamba, gennyini nti, muli 'bakatonda'? Kati oba nga abo mubayita bakatonda . . . " Nga, Katonda ye yakyogera mu Lubereberye 2 nti baali bakatonda, kubanga kye baali, baalina obuyinza obujjuvu nga be bafuga ensi. Katonda omuntu yamuwa obuyinza ku bintu byonna. Wabula ekifo kye eky'okuba katonda n'akifiirwa, ekifo kye eky'okubeera omwana n'akifiirwa, ettwale lye ne limutwalibwako, Ssetaani n'alyezza. Naye, ow'oluganda, tulindiridde okulabisibwa kw'abaana ba Katonda abalikomawo balyeddize nate. Tulindiridde okutuukirira kw'ebiro, nga piramiidi etuuse ku ntikko, abaana ba Katonda abajjuvu lwe balirabisibwa, amaanyi ga Katonda lwe galifuluma (aleruuya) ne gambula Ssetaani buli maanyi gonna g'alina ne gamuggyibwako. Yee, ssebo, amaanyi ago ga mwana.

77 Ye ye Logos eyava mu Katonda, ekyo bwe kiri, oyo ye yali Omwana wa Katonda. Olwamala n'Afuula omuntu okuba katonda oyo omutono. Era Yabagamba nti, "Oba nga abo abajjirwa Ekigambo kya Katonda, bannabbi, oba nga baabayita 'bakatonda' abo abajjirwa Ekigambo kya Katonda . . . " Nga kyayogerwa Katonda, Yennyini, nti baali bakatonda. Yagamba Musa nti, "Nkufudde katonda, ne Alooni mmufudde nnabbi wo." Amiina. Whew! Nnandyeyisa nga munnaddiini eyeeyitiriza, naye si kyendi. O, singa amaaso gammwe gasobola okuzibuka

ne mulaba ebintu ebyo. Kale. Yafuula omuntu okuba katonda, katonda ali mu ttwale lye. Era ettwale lye liva ku liyanja erimu okutuuka ku lirala, okuva ku lubalama olumu okutuuka ku lulala; y'alifuga.

78 Era Yesu bwe yajja, nga bwe kyali nti ye yali Katonda Omu atalina kibi, Yakikakasa. Embuyaga bwe zaakunta, Yagamba bugambi nti, "Kkakkana, teeka!" Amiina. N'eri omuti, n'Agugamba nti, "Tewabanga muntu yenna alya ku bibala byo."

79 "Ddala, Mbagamba, mmwe bakatonda abatono nti, bwe mulyogera eri olusozi luno nti, 'Sigulibwa' ne mutabuusabuusa mu mitima gyammwe, naye ne mukkiriza nti kye mwogedde kijja kutuukirira, munaafunanga kye munaabanga mwogedde."

80 Nga muddirayo ddala mu Lubereberye, ku kiri ekyasooka, kye kiri wa? Kati ensi yonna wamu n'obutonde bisinda, bikaaba, buli kimu kyetegeka. Ku lwaki? Ku lw'okulabisibwa kw'abaana ba Katonda, abaana ddala bennyini, abaana abaazaalibwa, abaana abajjuzibwa lwe banaayogera era ekigambo kyabwe kye boogedde ne kituukirira. Nzikiriza tuli ku njegooyego yaakyo mu kiseera kino kyennyini. Yee, ssebo. Yogera eri olusozi luno, era leka kibeere nga bw'oyogedde.

81 "Ow'oluganda, nni—nnina ekintu *bwe kiti* kye nneetaaga, kikolebwe. Ndi mukkiriza mu Yesu Kristo."

82 "Nkikuwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo." Amiina. Okwo kwe kulabisibwa.

83 "O, ow'oluganda, ebirime byange emitala eri bikala. Mmaze ebbanga nga ssifuna ku nkuba yadde."

84 "ŋŋenda kukuweereza enkuba, mu Linnya lya Mukama waffe." Era etonnye. O, bulinda, businda, obutonde bwonna nga bulindirira okulabisibwa kw'abaana ba Katonda. Katonda bw'atyo bwe yakitegeka ku ntandikwa. Yawa omuntu ettwale ery'okufuga.

85 Yawa Yesu Kristo, ne Yesu n'akiwa mu Linnya Lye, n'obukakafu buno nti, "Musabe Kitange ekintu kyonna mu Linnya Lyange Nange nnaakikola." O, Ow'oluganda Palmer! Birindiridde okulabisibwa kw'abaana ba Katonda, ekifo, ky'Ekkanisa!

86 Nga bwe nnagambye, Ekitabo ky'Abaefeso kye Kitabo kya Yoswa, nga Yoswa ateeka abantu mu bifo byabwe mwe baalina okuba. Kati, ssinga balemwa okukkalira, nga aba Efulayimu abateeka erudda *wano*, ate ne basala ne bagenda mu ttaka ly'aba Manase, ate *bano* ne bakomawo nga bayomba beecwacwana, babeera banaakolagana batya? Nga omu agamba nti, "Nze ndi Mubaputisiti, nze ndi Mumesodisiti, nze ndi Mupentekoote, nze ndi wa Oneness, nze ndi wa Twoness, nze ndi wa mu *Kino-na-kiri*."

87 Munaakwatagana mutya? Muyimirire butengerera! Katonda ayagala kuteeka Kkanisa Ye mu kifo kyayo, abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Ayi Katonda, nzikiriza mpangaale nkirabeko, kwe kusaba kwange. Kiri kumpi nnyo ddala, mpulira nga kye mpulira n'okuwulira n'engalo zange, kyenkana. Nkiwulira weekiri. Ekyo kye mbaddenga njaayaanira okulaba, nga nnindirira okulaba ekiseera w'onaabeera nga otambula ku luguudo, n'osanga omulema nga agalamidde awo, nga abadde mulema okuva lwe yava mu nda ya nnyina n'omugamba nti, "Feeza ne zaabu sibirina." O, tulindirira okulabisibwa kw'abaana ba Katonda, aleeruuya, Katonda lw'aneeyoleka n'Alabisibwa, lwe banaakomya obulwadde, lwe banaakomya kookolo, lwe banaakomya endwadde.

88 Mulowooza kookolo aluma? Bayibuli egamba wajja ekiseera abantu lwe balivundira mu mibiri gyabwe, ensega zituuke okubojjogola emibiri gyabwe nga tebannafa. Kookolo bulumi bwa linnyo bw'omugeraageranya ku ekyo ekijja. Naye, mujjukire, nti ekintu ekyo eky'entiisa mu biro ebyo mwe kirijjira kyagaanibwa okukwata ku abo abaliko Akabonero ka Katonda. Ekyo kati kye tulafuubanira, okuyingira munda tuteekebwe mu bifo mwe tulina okuba mu Bwakabaka bwa Katonda nga kawumpuli ono ow'entiisa tannagwa. O, nga kirungi nnyo! Ekiseera ky'okutuukirira kw'ebiro, okutuukirira kw'ebiro, obusika.

Mu oyo naffe . . . *mwe twafunira* . . . *obusika, bwe twayawulibwa edda* . . .

89 Obusika bwaffe bwatuweebwa butya, kuyita mu ki? Kuyita mu kwawulibwa. Okwawulibwa kwe kumanyirawo ebintu nga tebinnabaawo. Katonda yamanya atya nti Asobola okukwesiga okuba omubuulizi? Kuyita mu kumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo. "Tekisinziira ku oyo ayagala ennyo oba oyo adduka ennyo, oba oyo . . . Wabula Katonda y'asaasira." Bwe kiri, kwawulibwa. Yamanya ekyakulimu. Yamanya ekyakulimu nga tonnaba na kujja ku nsi. Yamanya ekyakulimu nga n'ensi kwe wali ogenda okubeera tennabaawo. Bw'atyo—bw'atyo bw'Ali. Oyo ye Katonda ataliiko kkomo mu kumanya, ataliiko kkomo mu kumanya. Ffe okumanya kwaffe kulina we kukoma, okulowooza kwaffe kulina we kukoma.

90 Kimbaddeko emirundi egiwera, okuva ku kiri ekyantuukako. Simanyi. Bwe mbeera awo ne ndowooza, bwe nnayimirira awo mu kaseera ako akatono ak'essanyu, nga ndowooza ku kuba nti, "Teri lwa nkya." Tewaabaddewo lwa jjo, tewali ndwadde, tewali nnaku. Tewali bya ssanyu lya kaseera buseera, ate oluvannyuma wabeewo essanyu ery'ekiseera kyonna; wonna ssanyu jjereere. Ha, bannange! O, bwe nnayimirira awo ne nneebuuza nti, "Kiki kino?"

91 Eddoboozi eryo ne liŋŋamba nti, "Kuno kwe kwagala okutuukiridde, era buli kintu kyonna kye wali oyagadde na buli kimu kyonna ekyali kikwagadde kati byonna biri wano naawe."

92 "Era ojja kutwanjulayo eri Mukama waffe Yesu bw'Alijja, nga ebirabo ebyava mu buweereza bwo." Nnalaba abakyala abo abalabika obulungi nga bayimiridde awo, nga bonna bwe bampambaatira bwe boogerera waggulu nti "Mwannyinaffe omulungi, omwagalwa!" Nnalaba abasajja abo abaalina enviiri ennyingi ezigwa ku nsingo, nga badduka, bajja bwe bampambaatira nga eno bwe bagamba nti, "Muganda waffe omwagalwa!"

Muli ne nneebuuza nti, "Kino kitegeeza ki?"

N'aŋŋamba nti, "Abo bantu bo."

93 Ne mmubuuza nti, "Bantu bange? Tekisoboka kuba nti ba Branham baali benkana awo obungi, bano bali mu bukadde na bukadde."

94 N'agamba nti, "Beebo be wabuulira ne bakyuka!" Aleeruuya! "Beebo be wabuulira ne bakyuka. Beebo ab'a . . ." N'ambuuza nti, "Oli ayimiridde wali omulaba?" Nga gw'andaga ye mukazi akyasinzeeyo okulabika obulungi mu be nnali ndabye. N'aŋŋamba nti, "Mu kiseera we wamubuulirira n'akyuka okudda eri Katonda yali mu myaka kyenda n'omusobyo. Ky'ova omulaba nga akaaba agamba, 'Mwannyinaze omwagalwa.'" N'agamba nti, "Taliddamu kukaddiwa. Ekyo eky'okukaddiwa yakisukka. Kati ali mu myaka gye egy'ekivubuka. Ayimiridde wano. Tasobola kunywa lwendo lwa mazzi gannyogoga, tageetaaga. Tasobola kugalamira kwebaka, kubanga takoowa. Teri lwa nkya, teri lwa jjo, ebyo tebiriiyo. Kati tuli mu Butaggwaawo. Naye olunaku olumu olw'ekitiibwa Omwana wa Katonda alijja, era oliramulwa okusinziira ku Kigambo kye wababuulira." O, ow'oluganda!

Ne mmubuuza nti, "Ne Pawulo alijja n'ekibinja kye?"

"Yee, ssebo."

95 Ne ŋŋamba nti, "Nange nkibuulidde mu ngeri yennyini nga Pawulo bwe yakibuulira. Ssiseeseetukangako yadde akatono kati okukivaako, ssikigattangamu biyiiye bya kkanisa yonna yadde ekintu ekirala kyonna. Ssaakyukakyuka."

96 Awo bonna ne boogerera waggulu n'eddoboozi limu nti, "Ekyo tukimanyi! Tuwummudde n'obukakafu." Ne bagamba nti, "Ggwe alitwanjulayo gy'Ali, olwo okuva awo ate tulyoke tuddeyo ku nsi, okubeera abalamu emirembe n'emirembe." Ha, bannange!

97 Mu kaseera ako ne ntanula okudda. Ne ntunula, ne nneeraba nga ngalamidde awo ku kitanda, nga ndaba omubiri gwange guli wano gwonna gweyongera okukaddiwa n'okujjamu enkanyanya, nga gwonna gugenye, o—obulwadde buguyenjebudde gwonna

guli mu kunyigirizibwa, ne ndaba nga omutwe gwange nguzizise emikono gyange, muli ne ŋŋamba nti, "Naye bannaaye, ddala ŋŋenda kuddayo nate mu kintu ekyo?"

98 Naye nnabeeranga mpulira Eddoboozi eryo nga liŋŋamba nti, "Weeyongere okulwana! Weeyongere okulwana!"

99 Ne ŋŋamba nti, "Mukama, bulijjo mbaddenga nzikiririza mu kuwonya kwa Katonda, era ŋŋenda kusigala nga nkyakukkiriza. Naye ŋŋenda kufuba nnyo ku lw'emmeeme ezo, nkusaba nnyamba. Njagala ntuseeyo nnyingi nnyo eyo . . . Nzikiriza mbeere mulamu, ayi Mukama, nja kuyingizaayo akakadde k'emmeeme akalala, singa Onanzikiriza n'emba mulamu."

100 Sifaayo oba ba langi ki, oba kiyiiye ki kye bakkiriza, oba ba ggwanga ki, kyonna kye bali, bonna bafuuka kimu bwe batuuka eri, nga ensalosalo ezo ziggyiddwaawo. Ha, nsobola okulaba abakyala abo, abalabika obulungi ennyo; sirabanga . . . zikka okutuuka wansi, nga enviiri zaabwe mpanvu zibagwa ku migongo. Nga sikaati mpanvu zituukira ddala wansi. Baali tebambadde ngatto. Ndaba abasajja nga balina enviiri ennyingi ezituuka mu nsingo, ab'enviiri emmyufu, ab'enviiri enzirugavu, ne langi endala ez'enjawulo. Bonna nga bampambaatira n'engalo zaabwe. Nga nsobola okuziwulira nga zinkomako. Engalo zaabwe nnaziwulira nga zinkomako. Katonda nga ye Mulamuzi wange, n'Ekitabo kino ekitukuvu nga kibikkule. Nnawulirira ddala okukomebwako kw'engalo zaabwe nga bwe mpulira engalo zange bwe nzeeyisa mu maaso. Baali bampambaatira, naye nga ssiwulira nga omusajja bwe yandiwulidde mu mubiri nga akwatiddwako omukyala nga bwe kiri mu bulamu obwa bulijjo. Sifaayo oba oli mutukuvu kwenkana wa, oba ggwe ani, oba oli mubuulizi wa kika ki, oba oli kabona oba kyonna ky'oyinza okuba, tewali musajja asobola kukkiriza mukazi kumuwambaatira na mikono gye, ne watabawo kusiikulwa kwa busimu bwa mubiri. Ago ge mazima gennyini. Naye, ow'oluganda, bw'osomoka n'ova wano n'ogenda emitala, eri tekiri bwe kityo. Ha, bannange! Eri ki . . . O, waliyo . . . Tekisoboka. Kwagala kwereere. Buli kimu waaluganda ddala era buli kimu mwannyinaffe ddala. Teriiyo kufa, teriiyo nnaku, teriiyo buggya, tebiriiyo, eri tewali kiyinza kuyingirayo. Kutuukirira kwereere. Ekyo kye ndafuubanira. Ekyo kye nduubirira.

101 Ne ŋŋamba nti, "Ayi Mukama, eyo y'ensonga endeese wano mu kkanisa, kwe kugezaako okuluŋŋamya ekkanisa nga bw'erina okutambula." Nga nkutegeeza, muganda wange ne mwannyinaze, nti waliwo ekintu kimu kyokka ekisobola okuyingirayo, ekyo kwe kwagala okutuukiridde. Si lwa kuba nti oli mujjumbize eri Ekkuŋŋaaniro lya Branham, oba ekkanisa y'Abamesodisiti oba ekkanisa y'Ababaputisiti. Ebyo tebirina kabi konna, olina okuba omujjumbize. Naye, o, mikwano gyange, olina . . . Si lwa kuba wayogerako mu nnimi, wazinira

mu Mwoyo, kuba wali ogobye emizimu oba wasiguukulula ensozi olw'okukkiriza. Ebyo byonna tebirina kabi konna, kubanga byonna birungi, naye era okuggyako nga okwagala okwo okutuukiridde mwekuli munda muli. Eyo ye waali okwagala okutuukiridde. Era ekyo ky'ekintu kyokka ekirikuyingizaayo. Ekyo ky'ekintu kyokka ekisobola okusigalayo, ky'ekintu kyokka ekyaliyo, eri. O, bannange! Kutongozebwa. Katonda, nga n'ensi tennatondebwa!

102 Kati, ka twanguwe, waakiri leka tumaleyo essuula eno emu, nga yo, bwe kiba kisoboka, mu ddakiika ekkumi eziddako.

> *Mu oyo naffe mwe twafunira obusika* . . . (Kiki kye tusikira? Obulamu Obutaggwaawo.) . . . *bwe twayawulibwa edda* . . .

Twabusikira tutya? Ekyo buli muntu ategeera bwe kyabaawo? Ggwe wanoonya Katonda? Nedda, Katonda ye yakuyita. Abantu abamu bagenda ne bagamba nti, "Bannange, nnoonyezza Katonda, ne nnoonya Katonda."

Nedda si ggwe wamunoonya. Tewali muntu yali anoonyezza Katonda. Katonda y'anoonya omuntu. Yesu yagamba nti, "Tewali asobola kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka." Okiraba, obwo bwe butonde bw'omuntu okwewala Katonda. Kati bwe muva awo ne mugamba . . .

103 Ekyo, ekyo kye kinnuma, mu byonna, okubabuulira enjiri bantu mmwe; muleme kusigala mu mbeera y'emu mwe mubadde, mukyuke kati! Mumpulirize nga nkyogera, BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA. Kino ssikyeyitangako, ssi kye ndi. Wabula mmwe mumpita nnabbi wammwe, manya nnabbi. Ekyo mu nsi yonna bakikkiriza, okwetooloola wonna mu nsi, obukadde n'obukadde n'obukadde bw'abantu. Nga mbuulira njogedde butereevu n'okuyita mu ngeri endala eri abantu kkumi manyanga abantu obukadde kkumi oba kkumi na bubiri, oba n'okusingawo, nga njogera butereevu gye bali. Ndabye okwolesebwa okutali kumu enfunda emitwalo n'emitwalo n'obubonero n'ebyamagero, era tewali yadde n'ekimu ekyali kiremye okutuukirira. Era ekyo kituufu. Ambuuliddenga ebintu nga tebinnabaawo ne wataba yadde ekimu ekitatuukiririra ddala nga bwe kyayogerwa. Ku ekyo nsomooza omuntu yenna okukiwakanya. Ddala bwe kiri. Sseeyita nnabbi, naye mumpulirize.

104 BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kijja kwetaagisa kwagala okutuukiridde okukuyingiza mu kifo kiri, kubanga kwe kwokka okwaliyo. K'obeere n'essente ezenkana wa, si nsonga bikolwa byenkana wa ebiraga nga bw'olina eddiini by'okoze, si nsonga bikolwa ebirungi byenkana wa by'okoze oba ekirala kyonna ky'okoze, ku lunaku luli ebyo byonna tebiriba na makulu yadde. Kiryetaagisa kwagala okutuukiridde. N'olwekyo kyonna

ky'okola, ebirala byonna biteeke ku bbali okutuusa nga ojjulidde ddala okwagala kwa Katonda okunaakuleetera okwagala n'abo abakukyawa.

105 Nze kyokka kyendi, nga bwe nnagambye ku makya ga leero, nnakolebwa, kyokka kye ndaba mu bulamu bwange kisa kyereere. Abantu bangi balina enjogera egamba nti, "Kati, ntakulaako mu mugongo nange nnaatakula ogugwo. Ddala, baako ne ky'onkolera nange nja kubaako kye nkukolera." Ekyo si kisa. Ekisa kye kino, bw'oba osiiyibwa mu mugongo, nze nja kukutakula, nga sifuddeeyo oba nange onantakula oba tontakule; osobola okumpacca oluyi, oluvannyuma n'oŋŋamba nti, "omugongo mpulira gunsii-. . . , manya njagala kuntakulako mu mugongo," nja kukutakula. Okiraba? Ky'ekyo, baako ne ky'okola. Ssikkiririza mu bikolwa bukolwa. Nzikiriza nti ebikolwa kwe kwagala. Ebikolwa—ebikolwa bye biraga nti ekisa kirina omulimu gwe kikoze. Ekindeetera okubeera omwesigwa eri mukyala wange si lwa kuba ntya nti ajja kwawukana nange ssinga siba mwesigwa gy'ali, wabula ndi mwesigwa gy'ali lwakubanga mmwagala.

106 Enjiri sigibuulira ku lwakuba ndowooza nja kugenda mu ggeyeena singa sigibuulira, mbuulira Enjiri lwakuba mmwagala. Ddala ddala. Mulowooza nnandisomose agayanja ago kirimulaala okujjudde embuyaga, ennyonyi kwe ziyuugira nga zidda eno n'eri, nga okumyansa kw'eggulu kuli buli wamu, ne—n'ebintu ebirala ebitali bimu, nga kyenkana eddakiika yonna . . . nga buli omu bw'alaajana, nga bwe baddiŋŋana zi "Mirembe Maria" buli wamu mu nnyonyi, n'ebirala byonna? Nga abantu bwe bayuugira mu nkoba z'oku mmitto gy'entebe z'ennyonyi, nga eno omugoba w'ennyonyi bw'agamba nti, "Amafuta ge tusigazzaamu gasobola kututwalayo eddakiika endala kkumi na ttaano zokka, naye simanyi na gye tuli." Mulowooza ekyo nnandimaze gakikola nga njagala ku—kunyumirwa bunyumirwa? Huh! Mulowooza nnandyetantadde okuddayo mu bitundu ebyo eby'ewala ennyo eyo abasirikale Abagirimaani gye baalina okunneebulunguluza emikono gyabwe bwe *bati* buli kiro okunfulumyanga okugenda mu lukuŋŋaana n'okudda, okutuusa Omwoyo Omutukuvu lwe yatandika okukola ebyamagero? Bannaakaly'ak'ani gye baagumbanga mu kiro n'ebitangaaza eby'ekiro ebirengera ewala, mu bbanga lya mayiro nnamba nga banoonya okunkuba amasasi. Mulowooza ekyo nnandimaze gakikola nga njagala kunyumirwa bunyumirwa? Naye nkikola kubanga munda mu nze mulimu ekyagala abantu abo; bantu Kristo be yafiirira. Pawulo yagamba nti, "Ssiri mwetegefu kugenda bugenzi mu Yerusaalemi kyokka, naye ŋŋendayo kukomererwa. Ŋŋendayo kufa. Ŋŋendayo kufa ku lwa Mukama." Kibeera kintu, kubeera kwagala kwe kukuwaliriza, ne kukuleetera okukola by'okola. Ddala bwe kiri.

107 Enjiri singa nnali ngibuulira lwa kufuna ssente, singa kyali bwe kityo, ssandibadde mu mabanja ge ndimu akawungeezi kano agaweza emitwalo gya ddoola ebiri, ssandibadde mu mabanja genkana awo. Nedda, ssebo. Kubanga nnadibadde njawulako ku—ku bukadde n'obukadde obuzze bumpeebwa. Waliwo omusajja omu, omusajja omu yatuma omukungu okuva mu kitongole ekikessi ekya FBI n'ajja ne cceeke ya kakadde kamu n'emitwalo ataano eza ddoola. Ne mmugamba nti, "Gizzeeyo." Bino sibikola kufunamu ssente! Sibikola kufuna ssente. Enjiri sigibuulira lwa kufuna ssente. Sigibuulira lw'ekyo!

108 Ngibuulira lwa kwagala. Kye njagala okukola, kye kino, nti bwe ndissa omukka ogwo ogw'enkomerero ne nsomoka okugenda emitala, nga kiyinza n'okubaawo mu ddakiika ttaano okuva kati, kiyinza okubaawo mu ssaawa bbiri okuva kati, kiyinza okubaawo mu myaka ataano okuva kati, simanyi ddi lwe kiribaawo. Naye bwe kiribaawo, ne ntuuka emitala eri, njagala nkulabe mu myaka gye egy'ekivubuka, nga ojja odduka, bw'oyogerera waggulu nti, "Muganda wange omwagalwa! Muganda wange!" Ekyo kye kiri mu mutima gwange. Eyo y'ensonga lwaki nkikola. Sigezaako butakiriziganya nammwe kubeera bubeezi wa—wa njawulo ku mmwe, wabula ngezaako kubaluŋŋamya mu kkubo ettuufu. Eryo ly'ekkubo eriyingirayo. Si kkanisa yo, si ddiini yo, wabula kuzaalibwa kwo nga ozaalibwa mu Kristo. O, bannange! Whew!

> *Mu oyo . . . naffe mwe twafunira . . . obusika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoza byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe:*

109 Muwulirize. Tugenda kumaliriza mu ddakiika ntono. Muwulirize bulungi kati nga tetunnamaliriza.

> *Tulyoke tubeere* amatendo *g'ekitiibwa kye, ffe abaasooka okusuubira mu . . . Kristo.*
>
> *Mu oyo bwe mwakkiriza, . . .*

110 Kati kino mukyekkaanye, bulungi. Mwambale ebizibaawo byammwe, ebizibaawo eby'Enjiri. Amatu mugaggule bulungi, muwulirize n'obwegendereza. Ndi ku lunyiriri olw'e 13.

> *Era* nammwe *mu oyo bwe mwakkiriza, bwe mwawulira . . .*

"Okukkiriza kujja kuyita mu . . ." [Ekibiina kiddamu nti, "Kuwulira."—Omuk.] "okuwulira e . . ." ["Ekigambo."] "Ekigambo kya . . ." ["Katonda."]

> *. . . bwe mwawulira ekigambo eky'amazima, . . .*

111 Amazima kye kiki? Kye Kigambo kya Katonda. Si bwe kiri? Yokaana 17:17, eri mmwe abawandiika Ebyawandiikibwa, Yesu yagamba nti, "Batukuze, Kitange, okuyita mu Mazima. Ekigambo Kyo ge Mazima."

. . . bwe . . . mwawulira . . . amazima, enjiri ey'obulokozi bwammwe . . .

112 Bulokozi ki bwe Yali agezaako okubategeeza? Okwawulirwawo edda nga ensi tennatondebwa (Bwe kiri?), eri okutongozebwa nga abaana, okwawulibwa eri Obulamu Obutaggwaawo. Kati, nga mumaze okuyingira mu Bulamu Obutaggwaawo, nga mumaze okulokolebwa, mutukuziddwa, mujjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, kati muli baana. Kati Katonda ayagala okubateeka mu bifo byammwe, o, musobole okukola ku lw'Obwakabaka Bwe ne ku lw'ekitiibwa Kye.

113 Eyo y'Enjiri. Nga, ekisooka, kwe kuwulira Ekigambo nti, "Mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi." Okuggyawo ebibi byo byonna, okukoowoola Erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, olw'Ensi ensuubize. Ekisuubizo kiri eri buli mutambuze yenna ali mu lugendo lwe. Bw'oba wavudde ewuwo akawungeezi ka leero, nga oli mwonoonyi, nga ogamba nti, "Leka ŋŋendeko mu Kkuŋŋaaniro lya Branham," Akawungeezi ka leero Katonda akuwa akakisa. Waliwo ekintu kimu kyokka ekiri wakati wo n'Ensi ensuubize. Ensi ensuubize kye kiki? Ye Mwoyo Omutukuvu. Ekyali wakati wa Yoswa n'ensi ensuubize yali Yoludaani. Ky'ekyo kyennyini.

114 Musa, nga bwe yali ekifaananyi kya Kristo, yakulembera abaana n'abatuusa ku mugguukiriro gw'ensi ensuubize, naye Musa abaana abo teyabayingiza nsi nsuubize. Yoswa ye yayingiza abantu munda n'agabanyiza ensi eyo. Yesu yasasula omuwendo, n'abakulembera n'abatuusa ku Mwoyo Omutukuvu. Katonda n'aweereza Omwoyo Omutukuvu n'ajja n'Ateeka ekkanisa mu kifo kyayo ekituufu mw'erina okuba, buli muntu, nga Amujjuza n'okubeerawo Kwe Ye. Mulaba kye ntegeeza? Byonna mu Kristo Yesu, okusinziira ku ngeri kino Katonda gye Yakigerekamu eri okuyita kw'Enjiri eno!

115 Pawulo, mu Abaggalatiya 1:8, yagamba nti, "Ne bw'aba Malayika ssinga abuulira ekirala kyonna, leka akolimirwe." Amazima, Enjiri. Kati muwulirize n'obwegendereza nga bwe tusoma, okumalayo olunyiriri.

. . . enjiri ey'obulokozi bwammwe: mu oyo . . . (Muwulirize n'obwegendereza.) *. . . bwe mwakkiriza, ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa,*

116 Mu nnaku ez'oluvannyuma, Bayibuli egamba, kati mwekkaanye, mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo ebika bibiri eby'abantu. Ekimu kijja kuba n'Akabonero ka Katonda, ate ekirala kibeere n'akabonero k'ensolo. Ekyo si bwe kiri? Ekyo bameka abakimanyi? Kati, Akabonero ka Katonda bwe kaba nga ke Kabonero . . . Kati bwe kiba nti Akabonero ka Katonda ye Mwoyo Omutukuvu, kitegeeza atalina Mwoyo Mutukuvu

alina kabonero ka nsolo. Era Bayibuli egamba nti emyoyo egyo ebiri giriba gifaanagana nnyo n'okutuusa nti guli gwandirimbye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka. Tegulibalimba, kubanga baalondebwa okufuna Obulamu Obutaggwaawo. Mukiraba?

117 Okugenda obugenzi mu kkanisa, okufaanaganako ne kye tumanyi nti waaliwo embeerera kkumi ezaagenda okusisinkana Mukama waffe, nga bonna baatukuzibwa, bonna batukuvu, nga buli omu yatukuzibwa. Abataano baali balagajjavu ettabaaza zaabwe ne zibazikirako. Abataano bo baalina amafuta mu ttabaaza zaabwe. "Era, laba Anaawasa Omugole ajja!" Bwe batyo abataano abaalina amafuta mu ttabaaza zaabwe ne bayingira mu Kijjulo ky'Embaga. Naye bali abalala ne balekebwa ebweru awaali okukaaba n'okukuba ebiwoobe n'okuluma obujiji. Weetegeke, kubanga tomanyi kaseera ki Mukama waffe mw'anajjira. Beera n'a . . . Amafuta gooleka ki mu Bayibuli? Mwoyo Omutukuvu.

118 Kati leero eri mmwe, mmwe ab'oluganda Abaseveniside Abaadiventi abagamba mbu olunaku olw'omusanvu ke Kabonero ka Katonda, muleeteeyo Ekyawandiikibwa kimu ekikakasa ekyo. Bayibuli egamba nti Akabonero ka Katonda ye Mwoyo Omutukuvu. Mwekkaanye kino. "Nga . . ." Kati mwekkaanye olunyiriri olw'e 13.

> . . . *bwe mwakkiriza, ne muteekebwako* a—*akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa*.

119 Mubikkule mu Abaefeso 4:30, nzikiriza we kiri. Tulabe oba tetufuna kye kimu n'ekiri wano mu 4:30, tulabe oba nga si ky'ekimu. Abaefeso essuula ey'oku 4 n'olunyiriri olw'a 30. Weewaawo, kiikino, 4:30.

> *So temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu owa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olw'okununulibwa*.

120 Kumala bbanga ki? Bw'obeera nga ddala, mu mazima ofunye Omwoyo Omutukuvu, obeera omufunye nga wa kumala bbanga ki? Okutuusa ku lukuŋŋaana oluddako, okutuusa jjajjaawo omukazi lw'alikusosonkereza, okutuusa mukama wo lw'alikuboggolera? Okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwo! Aleeruuya!

121 Ne bw'oliba ofudde, nga osomose n'oyingira mu Nsi eri, nga oyimiridde awo n'abaagalwa bo, olisigala okyajjudde Omwoyo Omutukuvu. Kyawandiikibwa! Oliba nga bw'oli kati, enjawulo yokka nti oliba ne . . . oliba mu mubiri mulala. Olibeera okyusizza bukyusa nsiisira. Eno eriba ekaddiye, nga emirabba gyayo givunze, nga tokyasobola kugyaliririrako w'onaaserekera mategula. Ddala bwe kiri. Na bwe kityo ensiisira eno eriba ekaddiye oligifulumamu n'ogireka ne yeeyongera okuvunda,

ggwe n'oyingira mu mpya. Ekyo si bwe kiri? "Kubanga ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde."

122 Ekyo mujjukira nga tukiyigako, olunaku lwa luli? Omwana oyo omuto bw'aba abumbibwa mu lubuto lwa nnyina, obunywa buno buba busambagala nga bwe bwekyusa munda muli. Naye maama oluba okuzaala omwana oyo ati n'ajja mu nsi, ekisooka, wabaawo omubiri ogw'omwoyo oguba gulindiridde okuyingira mu mubiri ogwo ogw'obutonde oguba guzaaliddwa. Ob'oly'awo omusawo akaana ako ayinza okukakubamu aka . . . [Ow'oluganda Branham akuba mu ngalo ze—Omuk.] *bw'atyo*, oba n'abaako ne ky'akakola okukazuukusa, ne kakaabamu "Whaah, whaah, whaah!" Era mangu ddala ne kagenderawo ku bbeere lya maama waako, "um, um, um," nga bwe kaseetula akatwe kaako okutuuka ku bbeere lya maama waako, okusobola okusika amata mu misuwa egyo.

123 Akayana, oluba okuzaalibwa kati ne kagwa ku ttaka okuva mu nda ya nnyina waako, kajja kusituka kasimbe obuviivi bwako mu ddakiika ntono nnyo. Kakole ki? Kasenvule kagende, kasisinkane nnyina waako, katandike okukoona n'akatwe kaako bwe katyo, kayonke. Aleeruuya! Yee, ssebo.

124 Omubiri guno ogw'obutonde oluba okutondebwa mu maama, wabaawo omubiri ogw'omwoyo oguba gugulindiridde.

125 Era omubiri guno ogw'obutonde oluba okutonnya ku ttaka, aleeruuya, emitala eri wabaayo oguba gugulindiridde! Tuva buvi mu mubiri ogumu ne tuyingira mu mulala, tukyusa bukyusa nnyumba mwe tubeera. Guno ogufa guteekwa okwambala ogutafa, guno ogw'omwoyo; guno oguvunda gwambale obutavunda. Omubiri guno gujjudde enkanyanya, gufufunyadde, gwonna gukootakoota, naye tegulikyuka mu ndabika yaagwo yadde n'akatono, ntegeeza bwe gulituuka emitala eri, olisigala okyalina omwoyo gwe gumu.

126 Ka mbeeko akantu ke mbawa akawulikika nga akatabulatabula, wabula nga ate Bayibuli bw'etyo bw'egamba, oluvannyuma nja kubawa akalala akanaakabalambululira mukategeere. Mwekkaanye akantu kano. Sawulo ow'edda, ka—kabaka, omubuulizi o—oli, okuva mu kibiina ky'eddiini kiri ekinene eky'omu kiseera ekyo, nga bwe mumanyi, eyali asinga buli musajja yenna obuwanvu mu ggwanga okuva ku bibegabega okudda waggulu, kyokka nga bonna baali batidde, nga tebalina kye bamanyi ku maanyi ga Katonda. Dawudi ye yalina okujja n'anunula omwana gw'endiga okuva mu kamwa k'empologoma, n'atta Goliyaasi. Mumwetegereze. Yaddirira nnyo okuva ku Katonda, n'atuuka n'okukyawa omubuulizi ono omutukuvu eyeevulunga. Kyokka mu kifo ky'okuyimirira ku ludda lwe, okugezaako okumuyamba, ate yamulwanyisa bulwanyisa. Ddala ekyo bwe kiba si ky'ekifaananyi kyennyini eky'ekyo ekigenda mu maaso, ky'ekifaananyi kyennyini! Yamulwanyisa bulwanyisa!

127 Bameka abaaliwo wano olunaku lwe nnali ŋŋenda ku lugendo lwange olwasooka, bwe nnabuulira obubaka obwali bugamba nti, "Dawudi nga atta Goliyaasi," olunaku lwe nnagenda? Bangi, abamu, waliwo abatonotono ku be twali nabo edda. Ne ku mulundi guno nteekateeka nate okugenda oluvannyuma lw'obubaka buno. Mujjukira, mwalaba ekyaliwo Ssande eyayita? Busenvula okuyingira mu mutendera omulala. Ekitundu eky'okubiri eky'olutabaalo lwa Dawudi, omuteendera ogw'okubiri ogw'obuweereza bwe. Ekyo ddala bwe kiri. Nga, oluvannyuma lw'ekyo we yafuukira kabaka wa Isiraeri. Mwetegereze kaakano obuweereza bugenda bulinnya ku mutendera ogw'amaanyi okusinga kwe bubadde, bweyongera mu maanyi. Ne Dawudi bwe yali. Ndaba wano nga bw'ajja, Dawudi, oo, Katonda bwe yakozesa Dawudi n'ajja n'atta empologoma, mwekkaanye, n'atta n'eddubu, bwe yava awo n'atta Omufirisuuti. Kati, ekiseera kyatuuka Katonda n'aleeta omwoyo omubi ne gwambala omulenzi ono omukulu. Nga wa . . . Kukola ki? Kukyawa Dawudi. Era nzikiriza . . .

128 Kati, entambi zino. Kati muwulirize, ab'oluganda, mmwe abawuliriza entambi zino, bwe muba temukkiriziganya nange, munsonyiwe. Kati mulabeeyo, mbaagala. Era mu buli ngeri ndi wa kubasisinkana emitala, mukiraba, kubanga bw'oba oli musajja wa Katonda mu buli ngeri nja kukusisinkana. Naye, njagala njogere kino, ensonga yiino: Sawulo olw'okuba yalaba nti Dawudi yalina ekintu ye ky'ataalina. Kati kiki ekyaddirira?

129 Akavubuka "akamyukirivu", akatalina bwe kali, Bayibuli egamba nti kaali "kamyukirivu." Oyo teyali mwana ali awo alabika obulungi ennyo, "akamyukirivu" abeera muntu ali awo yenna atalabika bulungi. Kale yeesowolayo n'agenda, era Sawulo, ddala, ateekwa okuba yayambala ekyambalo kya Sawulo eky'okulwana, muli nkubamu akafaananyi nga engabo bwe yagisitula yali emukoma wansi ku bigere. N'agamba nti, "Bino mubinnyambulemu. Nze—nze nnina . . . " Ob'oly'awo yamuwa ddiguli y'obwa dokita, Ph.D. oba L.L.D., oba ekintu bwe kityo, nga bwe mumanyi. Ateekwa okuba yagamba nti, "Nze ebyo ssirina kye mbimanyiiko, kubanga sibikozesangako kubikakasa. Mundeke nkozese kino, kye nnamanyiira okukozesa." Yee, ssebo. N'akwata envuumuulo.

130 Bwe batyo ne banyiiza Dawudi kubanga abawala, amakanisa, amakanisa gaali gayimba nti, "Sawulo, yandiba nga yatta enkumi ze, naye ate ye Dawudi asse mitwalo na mitwalo."

131 Awo obuggya ne bumukwata n'agamba nti, "Mbu bakuliriza nnyini bino eby'Erinnya lya Yesu, Eryo teririna makulu." Ddala bwe kyali. Kati Katonda yamukola ki? Katonda yamusindikira omwoyo omubi ne gumwambala, akyawe Dawudi, bw'atyo n'akyawa Dawudi awataali nsonga.

132 Dawudi enfunda eziwera yali asobola okumunyoola ensigo. Yali akisobola, naye yakireka bulesi. Teyayogera

kintu kyonna. Ddala yali asobola okukikola. Lumu ekiro, yagenda n'asalako ekirenge ky'ekyambalo kye, n'akomawo n'akimulaga, n'amugamba nti, "Labayo eno, olaba!" Yee, ssebo, yali asobola okukikola, naye yamuleka bulesi. Yali asobola okwawulayawulamu ekibiina kye n'abasaasaanya, ne yeetandikirawo ekibiina ekikye singa yayagala okukikola. Naye teyakikola, yaleka bulesi Sawulo n'agenda mu maaso ne bye yali akola. N'aleka Katonda y'aba alwana. Yee, ssebo.

133 Kale bwe yeeyongerayo nga olutabaalo luwedde, ne yeeyongerayo, omwoyo ogwo omubi gamwambala bw'atyo Sawulo n'aba nti yali takyasobola kufuna kwanukulwa kuva eri Katonda. Oluvannyuma lw'akaseera ya . . . Omwoyo wa Mukama yali amuvuddeko. Bw'atyo nnamukadde Samwiri, oyo gwe baali baasambajja, oyo eyali Eddoboozi lya Katonda lyennyini gye bali, oyo eyayogera gye bali bwe baali tebannaba na kwagala kweyisa nga ba nsi . . .

134 Ekkanisa ejja etya okwagala okweyisa nga ensi? Kiki ekireetera Abapentekoote, abaabatizibwa, n'Abamesodisiti abaafuna obumanyirivu bw'Omwoyo Omutukuvu, n'Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani okwagala okweyisa nga ensi? Kiki ekibaleetera okukikola? Simanyi. Kya—kyannema okutegeera. Mugamba nti, "Naye, okuzannya amatatu kunyuma, kuba kunyumirwamu bunyumirwa, musibawo obusente obutonotono kwe muvuganyiza," oba kyonna kye mukiyita. Kuba kwonooona. Ebintu eby'engeri eyo tosaanye kuba nabyo mu nju yo. "Naye, tekiriimu kabi konna okunywamukko akagiraasi ka bbiya. Tunyweddemu obugiraasi nga buubwo. Nze ne mukyala wange tunywamu obugiraasi nga buubwo olw'eggulo awo." Munaagenda okwejjuukiriza, nga n'abaana bammwe banywamu obugiraasi nga buubwo. Ddala bwe kiri.

135 Kaakati ate mmwe abakazi, hum, ssetaani abafudde . . . Ky'ekyo kye yakola ku lubereberye, era ddala mmwe bannyinaffe mmwe baakozesezza okuba nti ayita mu mmwe. Ekyo akikola ku . . . kubanga amanyi bulungi kye yeetaaga okukola. Asobola okulimba omukazi emirundi lukumi okusinga omusajja. Ekyo mmanyi kibayisa bubi bwe nkyogera, naye ago ge Mazima. Ddala bwe kiri. Ky'ekyo kye yakola mu lusuku Adeni. Asobola okuleetera . . . Kati, omukazi yali mwesimbu, era yali wa mazima, naye yalimbibwa. "Adamu si ye yalimbibwa," bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Omusajja si ye yalimbibwa, naye omukazi ye yalimbibwa. N'olwekyo ssetaani asobola okulimba omukazi. Kyokka nga abasumba bajja kugenda mu maaso batongoze abakazi okubeera ababuulizi, babawe okuba n'obuvunaanyizibwa ku bibiina by'abantu mu ngeri eyo, so nga Bayibuli eno ekivumirira okuva mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa. Ojja kuŋŋamba nti, "Naye, tekirina kabi. Tekirina kabi. Balina . . . Nabo okubuulira bakusobola era nga n'abasajja." Ekyo nkimanyi kituufu.

136 Kiringa lumu waliwo eyatandika okwogera mu nnimi, nze ne ŋŋenda mu maaso na kubuulira kwange, naye bwe nnafuluma ebweru . . .

Waliwo omukazi eyagamba mutabani wange, nti, "Nnina obubaka obw'okuwa akawungeezi k'enkya," n'agamba nti, "kitaawo bw'anaaba azze ku kituuti."

Mutabani wange n'amubuuza nti, "Naye kati, Nnyabo., kiki ky'otegeeza?"

137 Kati akawungeezi ako bwe kaatuuka, bwe nnali nteekateeka okuyita abaagala okulokoka, omukazi oyo n'atereeza bulungi enviiri ze ssookisi ze n'azisika n'azizza waggulu, ne yeetegeka, n'abuuka n'adda mu lukuubo wakati n'atandika okubuukabuuka, n'ayogera mu nnimi n'alagula. Nze ne ŋŋenda mu maaso na kubuulira, ne mpita abantu okujja ku wolutaali. Ensonga lwaki ssaakissaamu kitiibwa yadde, tekyali kituufu. Kati n'olw'ekyo, amazima, Bayibuli egaana oku, egamba nti, "O—Omwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi." Katonda ali ku . . . Katonda bw'aba ayogera ku kituuti, leka ayogere. Pawulo yagamba nti, "Bwe wabaawo ekintu ekibikkuliddwa eri omuntu, leka yeefuge okutuusa nga oli omulala amalirizza." Ddala ky'ekyo.

138 Kati, bwe nnafuluma wabweru, abantu bano ne baŋŋamba, ne wabaawo ekibinja ky'abantu ekinene, ne baŋŋamba nti, "Onakuwazza Omwoyo Omutukuvu akawungeezi ka leero."

Ne mbabuuza nti, "Ate kiki kye nkoze? Nkoze ki?"

139 Ne baŋŋamba nti, "Wali eri, mwannyinaffe oli we yaweeredde obubaka obwo, aleeruuya," ne bagamba nti, "ekyo."

"Naye," ne mbagamba nti, "nnabadde mbuulira. Yakikoledde wakyamu."

140 "Ha," ne bagamba nti, "naye ekyo kibadde kisu nga kiviira ddala butereevu ku Ntebe ey'Obwakatonda. Ekyo kibadde kisu okusinga ky'obadde obuulira." Uh!

141 Kati, ekyo kiraga e . . . ekyo kiraga ekimu ku bino, ate kino nkyogera nga mbassaamu ekitiibwa, kwandiba okubaako n'ekikyamu ku bwongo, oba kwandiba obutassaamu kitiibwa, oba okuyigirizibwa ekintu ekitali kituufu omuntu n'atuuka okuba nga talina n'akamu k'amanyi ku Katonda nga akamyu bwe katalina kye kamanyi ku ngatto ezambalwa mu muzira. Kati, ekyo, ekyo sikyogera bwogezi kumala googera ki—kisesa, kubanga kino si kifo kya kusaagiramu. Naye ago—ago ge mazima gennyini. Omuntu asaanye okuba nga akimanyi nti Katonda si ye nsibuko y'okutabulatabula. Wa mirembe. Bayibuli tebagimanyi bumanya. Kyokka kye bamanyi kwe kubuukabuuka, n'okwogera mu nnimi, ne bagamba, "Nnina Omwoyo Omutukuvu. Aleeruuya!"

142 Nnaliko, mu Afrika ne ndaba, abasamize n'abalala nga boogera, mu maaso g'abantu nga enkumi ttaano omulundi gumu; ne babuukabuuka, nga bonna bavulubanye omusaayi mu maaso, ne boogera mu nnimi, ne banyweera omusaayi mu kawanga k'omuntu; ne bakowoola ssetaani, ne boogera mu nnimi.

143 Ate nga okwogera mu nnimi kirabo kya Katonda, naye obwo si bwe bukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu obutawakanyizibwa. Ekyo muleke nkibabuulire kaakano. Nzikiriza nti abatukuvu bonna abaliko okuluŋŋamizibwa boogera mu nnimi. Nzikiriza nti omuntu olumu ssinga Katonda akufukako amafuta amangi ennyo ojja kutuuka ekiseera oyogere mu nnimi. Ekyo nkikkiriza. Naye sikkiriza nti ako ke kabonero akalaga nti olina Omwoyo Omutukuvu. Yee, ssebo. Nzikiriza waliwo emirundi egimu lw'oba n'okukkiriza, ne wabaawo omuntu, n'ofuluma n'ogenda oteeka emikono ku mwana omulwadde wa kkookolo, eyali asabiddwa ababuulizi amakumi ataano, omwana oyo n'awona kubanga maama oyo alina okukkiriza ku lw'omwana oyo. Katonda y'aba akumuwadde, kubanga mmemba mu Mubiri gwa Kristo. Yee, ssebo. Ekyo nkikkiriza. Nnali nkirabye nga kikolebwa era mmanyi nti kituufu. Naye kino kye kitegeeza, kwe kuluŋŋamya ekkanisa nga bw'erina okutambula, eruŋŋamizibwe mu nkola ennuŋŋamu nga bw'erina okuba tusobole okukola.

144 Kati leka tumaleyo ekitundu ky'olunyiriri luno ekisigaddeyo nga tetunnagenda.

> . . . *bwe* mwamala okufuna, *ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo omutukuvu, eyasuubizibwa.*

145 "Akabonero!" Akabonero kategeeza ki? Akabonero kategeeza ki? Akabonero, ekisooka kalaga nti omulimu guwedde, omulimu guggyiddwaako engalo. Ekirala kalaga obwannannyini. Ate ekirala kalaga obukuumi, nga kakuuuma ekintu ekyo.

146 Okugeza, eky'okulabirako, nnakoleranga kkampuni y'eggaali y'omukka eya Pennsylvania Railroad, nnakolanga ne kitange ku luguudo lw'eggaali y'omukka. Nga tutikka bintu mu byana bya ggaali ya mukka. Era twabitikkiranga mmanga wano ku kkampuni eno epakira ebintu, twateekangamu emikebe egyabangamu ebintu, nga egimu tugitegeka waggulu *eno* emirala ne tugitegeka *wano*, n'emirala waggulu *wali*. Naye ekyana ky'eggaali y'omukka ekyo bwe kyabanga tekinnateekebwako nvumbo, omukebezi yajjanga n'akyekebejja, n'akinyeenyaamu, n'anyeenya *kino*, n'anyeenya ne *kiri*. "Ah! Mbigaanye! We binaatuukira gye biraga byonna bijja kuba bubajjobajjo. Mbigaanye! Mubiggyeemu. Muddemu mubipange buto." Nga omukebezi ekyana ky'eggaali y'omukka agaana okukissaako envumbo.

147 Omwoyo Omutukuvu ye Mukebezi. Akunyeenyaamu katono, agenda okuwulira nga okyalimu ebikubagana. "Okkiriza Ekigambo kya Katonda kyonna mu bulamba bwakyo?"

"Nze ebyo eby'Erinnya lya Yesu sibikkiriza."

"Ggwe nkugobye. Okyalimu ebikubagana."

"Sikkiririza mu bya kuwonya kwa Katonda na bintu bya ngeri eyo."

"Bakyalimu ebikubagana. Mubapakululemu."

"Okkiriza nti Yesu Kristo, ye omu jjo . . . ?"

"Kale, mu ngeri emu."

"Ggwe okyalimu ebikubagana. Ekyo mukipakululemu, olaba, tekinnaggwa kukolebwako." Yee, ssebo.

148 Ow'oluganda, bwe kituuka okuba ekyetegefu okuddamu nti, "Amiina!"

"Wafuna Omwoyo Omutukuvu?"

"Amiina!"

"Buli kimu kyonna kiwedde?"

"Amiina." Kati awo Omukebezi kiki ky'azzaako? Buli kimu kiba kipakiddwa bulungi nga kinywedde, kijjudde Enjiri. O, nga buli Kigambo kya Katonda kyonna kiri ntende. Nga buli kimu kyonna kiteredde. "Nzikiriza buli Kigambo kyonna. Amiina! Amiina! Amiina!"

"Okkiriza nti Katonda akyawonya?"

"Amiina."

"Okkiriza nti Yesu Kristo, y'omu jjo, leero n'emirembe gyonna?"

"Amiina."

"Okkiriza nti Omwoyo Omutukuvu akyali wa nnamaddala nga bwe Yali abadde?"

"Amiina."

"Okkiriza nti Omwoyo eyakka ku Pawulo, naffe y'atukkako?"

"Amiina."

"Okkiriza nti Akola ebintu by'ebimu ku ffe, nga bye Yakola ku bo?"

"Amiina." O, o, ono kati kigenda kiggumira. Um-hum, kigenda kiggumira, kati oluggi tunaatera okuluggala. Kale.

149 Awo nga omukebezi aggalawo oluggi. Kiki ky'azzaako? Nga alussaako envumbo. Nga akwata wano nga ajjayo ka magalo, nga akwata erudda nga ajjayo akantu kano nga alussaako envumbo. Tekakutanda n'ogikutula. Ebiri munda, mu kyana ky'eggaali y'omukka ekyo, bwe biba bigenda mu Boston, envumbo eyo

terina kumenyebwa. Guba musango gwa nnaggomola okumenya envumbo eyo eba essiddwa ku kyana ky'eggaali y'omukka ekyo nga tekinnatuuka Boston. Era omuntu yekka eyakkirizibwa y'asobola okusumulula envumbo eyo, era ye yekka. Ddala bwe kiri. Kampuni *gundi* ey'eggaali y'omukka y'ebeera egirinako obwannannyini. Ebeera nvumbo ya kkampuni eyo. Bwe bubeera obukakafu bwe bagitaddeko okukakasa nti ekyana ky'eggaali y'omukka kino kitikkiddwa, era nti ekyana kino kikkiriziddwa. Ebeera yaabwe. Tebasobola kuteeka nvumbo ya "B&O" ku kyana kya kkampuni ya "Pennsylvania." Oteekwa okusibibwako envumbo, era awo ebeera essiddwaako nga akabonero.

150 Kati n'Omukristaayo bw'aba nga apakiddwa n'Enjiri, nga ajjudde obulungi bwa Katonda, nga alimu ebintu bya Katonda byonna ebirungi munda mu ye, n'omutima omwerufu, nga mwetegefu okukola, mwetegefu okuteekebwa mu kifo kye w'alina okuba, akole kyonna Omwoyo Omutukuvu ky'amugamba okukola, nga yasomoka okuva mu kufa n'ayingira mu Bulamu, nga yatukuzibwa n'anaazibwako ebintu byonna eby'ensi, nga atambulira mu Musana nga Omusana bwe gumwakira, nga agenda mu maaso, nga awedde okukolebwako. Awo Katonda aggalawo oluggi lw'ensi n'agiggalira wabweru, n'alusamba ne lweggala, n'amussaako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa. Aleeruuya! Kumala bbanga ki? Okutuusa gy'alikomekkerereza. Ate leka kumutwala ku luguudo lwa ggaali ya mukka kumenya nvumbo eyo kulaba oba nga ebintu byonna bikyali bulungi. Biri bulungi, giveeko. Omukebezi yamala okugyekebejja. Osibibwako envumbo nga ya kumala bbanga ki? Okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwo. Envumbo eyo ekubeerako okutuusiza ddala ku olwo.

151 "Kaakati, ate olwo, bw'ofa, Ow'oluganda Branham, ate kiki ekibaawo nga omaze okufa, ogambye nti osigala okyamulina?" Obeera naye emirembe n'emirembe. Obulamu butandikira wa? Ku woolutaali. Mu kaseera ako obeera olaba ngeri ya kasiikirize. Ekyo kiba kisiikirize busiikirize, Envumbo y'Omwoyo Omutukuvu. Kati okusukka awo kibeera kisiikirize kya bisiikirize kya bisiikirize, nga bwe nnagamba luli. Naye bw'ofa, weeyongera okugenda nga oyita mu bisiikirize ebyo okutuusa lw'otuuka mu lufu, bw'ova mu lufu n'otuuka mu nsulo etonnya akatondo, bw'ova mu nsulo n'odda mu kagga, bw'ova mu kagga n'odda mu mugga, bw'ova mu mugga n'odda mu liyanja, olaba, ery'okwagala kwa Katonda. Obeera okyali omuntu y'omu.

152 Mulabeeyo wano. Baabuwe Sawulo, eyali yaddirira, yali takyosobola kubotola kutuuka eri Katonda, so nga yali tabuze. Ddala yali tabuze. Yali nnabbi, naye yava buvi ku Katonda. Y'ensonga lwaki, ab'oluganda, nnagamba nti, "Obeera tobuze." Kale ekyo mukijjukire nti, yava buvi mu kwagala kwa Katonda, era olwali okugira ati, ne—ne wabaawo obutakkaanya.

Kati, ob'olyawo ekyo ssandikyogedde. Naye tekirina buzibu, nneyongera mu maaso awamu n'ekibiina ky'abantu abasanyufu akawungeezi ka leero. Kale kati, omanyi, okugira ati nga, ha, bannange, awo e . . . Yagenda yeebuuze ku Ulimu Sumimu.

153 Ulimu Sumimu mumanyi kye yali, kyali kyambalo eky'omu kifuba, ekyali ku kkanzu Alooni gye—gye yayambalanga. Era bulijjo kyabanga, Katonda okuva edda n'edda abaddenga Katonda eyeeyoleka mu ngeri esukkulumye ku bya bulijjo, nga ayanukula mu ngeri esukkulumye ku bya bulijjo. Era nnabbi bwe yalagulanga, ebimyanso ebyo ne bitamyansa kitangaala ku Ulimu Sumimu eyo, nnabbi oyo yabanga mukyamu. Omuloosi w'ebirooto bwe yayogeranga ekirooto kye mu maaso ga Ulimu Sumimu eyo n'etamyansa kimyanso, sifaayo ne bwe kyabanga kiwulikika bulungi okwenkana wa, kyabanga kikyamu. Ekyo bwe kiri.

154 Era sifaayo diguli z'obwa dokita mmeka z'olina na kibiina kyo kyenkana wa obunene, singa olagula oba n'obuulira, ekyawukana n'Ekigambo kino, obeera mukyamu, ow'oluganda. Obeera . . . Eno ye Ulimu Sumimu ya Katonda. Bw'ogamba nti tewayawulirwawo nga ensi tennatondebwa, tejja kumyansa, kubanga Bayibuli egamba nti wayawulibwa. Bw'ogamba nti olina kubatizibwa mu Linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Omutukuvu," temyansa kitangaala, kubanga tewali muntu yenna mu Bayibuli yali abatiziddwa mu ngeri eyo. Baabatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu mwokka. Tejja kumyansa kitangaala, ekitegeeza nti waliwo awali ekikyamu awantu awamu.

155 Kati Sawulo teyasobola kufuna kwanukulwa kuva eri Ulimu Sumimu, nga n'ekirooto obulooto tekikyamujjira. Yali yagwira ddala nga n'ekirooto obulooto tekikyamujjira. Kati mumanyi kye yakola? Yaserengeta n'agenda ew'omulogo, omulogo ddala yennyini, omusawo omulubaale omusawuzi eyali emmanga eyo, omusamize. N'amubuuza nti, "Osobola okundagula?"

156 Omukazi n'addamu nti, "Weewaawo nsobola, naye Sawulo yagamba nti agenda kutta buli mulubaale yenna."

157 Ye n'amugamba nti, "Nja kukuwa obukuumi," yali ayambadde nga omujaasi ow'eggye ery'oku ttaka. N'agamba nti, "Ndagula obeeko gw'onninnyisiza okuva mu nsi y'abafu abaasomoka abaava mu bulamu buno." Kati muwulirize kino. "Nninnyisiza omwoyo gwa nnabbi Samwiri."

158 Bw'atyo omukazi n'ayingira munda oku—okusawula. Naye, bwe yakikola, n'avunnama ku bwenyi bwe, n'agamba nti, "Ndaba bakatonda nga be bambuka." Mukiraba, yali mukaafiiri kye yava agamba mbu, "bakatonda," babiri oba basatu, okufaananako n'ekya Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu, oba eky'engeri eyo, nga bwe mumanyi. Yagamba—yagamba nti, "Ndaba bakatonda nga bambuka."

159 Ono kwe kumugamba nti, “Mbuulira bw’afaanana. Alabika atya? Afaanana atya?”

160 Omukazi n’amuddamu nti, “Abadde mutonotono nga yeesuulidde omunagiro ku bibegabega bye.” Yali takyukanga.

161 Ono kwe kugamba nti, “Ye Samwiri. Mulinnyise omuleete wano mu kisenge kino, mundeetere wano mu maaso gange.”

162 Kati mwetegereze Samwiri olwali okutuuka mu maaso ga Sawulo, yamubuulizaawo nti, “Ompitidde ki, nga ate okiraba nti ofuuse mulabe wa Katonda?” Era mwekkaanye. Tekyakoma ku kuba nti yali akyali Samwiri kyokka, naye yali akyaliko omwoyo gw’obunnabbi. Muŋŋambe nti kikyamu, leka wabeewo omuntu yenna aŋŋamba nti kikyamu. Ge Mazima! Yali akyali nnabbi. Kubanga yagamba, yalagula n’agamba nti, “Ogenda kuwangulwa mu lutalo enkya, era ggwe ne batabani bo enkya mujja kufiira mu lutalo, era we zinaawerera essaawa zino mujja kuba nange.” Si bwe kyali? Yali akyali nnabbi!

Kati oyinza okwagala okuŋŋamba nti, “Ha, naye oyo yali mulogo ye yakikola.”

163 Kale, leka nkubuulireyo Omu ataali mulogo. Yesu lumu yatwala Peetero, Yakobo ne Yokaana, ne bambuka ku Lusozi Olw’okufuusibwa, ne bayimirira waggulu ku ntikko y’olusozi. Era, Yesu, Katonda yali ateeka Omwana We mu kifo kye; nga bwe ngezaako oku. . . nga bwe nnali ngezaako okukinnyonnyola akawungeezi ka luli, okuteeka omwana mu kifo kye. Era baba bakyali awo, baagenda okukyuka nga balaba Musa ne Eriya bayimiridde awo. Nga boogera, banyumya. Tebwali bu bendera bweru nti bwe bwali bwewuubira awo, manyanga, ntegeeza tebwali bule bweru nti bwe bwali buseeyeeyeza awo. Wabula baali bantu, nga be boogera. Waali waakayitawo emyaka lunaana okuva Musa lwe yaziikibwa mu ntaana eyali temanyiddwa na wa w’eri. Nga ate Eriya wayiseewo emyaka bitaano okuva lwe yagenda Eka, bwe yatwalibwa mu kigaali. Naye baabano wano bombi, nga balamu tteke nga bwe baali, nga bayimiridde awo boogera naye nga tannagenda Kalivaaliyo. Aleeruuya! “Tusibibwako envumbo okutuusa ku lunaku olw’okununulibwa kwaffe!”

164 Ŋŋenda kwanguwako, tumalirize kubanga obudde bugenze, bwe tumala tusabire abalwadde, ndowooza mu ddakiika endala nga ttaano. Olunyiriri olw’e 14, tusome, leka nsooke nziremu nsome olw’e 13, tufune, kwe twesigama.

> *Mu oyo* . . . bwe *mwakkiriza, bwe mwawulira ekigambo eky’amazima, enjiri ey’obulokozi bwammwe:* . . .

165 Kati mujjukire, bulokozi bwa nnabaki bwe baalina? Bano baali—bano baali Bakristaayo ba mu Efeeso. Bo, kati, mulabeeyo, mwali mwekkaanyizza Abakkolinso? Yabanga alina okubagamba entakera nti, “Bwe nzija gye muli, omu aba ayogera

mu nnimi, omulala ayogera mu nnimi, nga omu alina zabbuli, omulala alina bunnabbi, omulala alina. . . " Mukiraba, nga talina ky'asobola kubayigiriza, kubanga bulijjo baabeeranga mu kuyaayaanira *kino*, *kiri* oba *ekirala*. N'abantu bano nabo baalina ebintu bye bimu, wabula baabirina mu nkola yaabyo ennuŋŋamu. Abakkolinso teyabayigirizaako kintu nga kino, yali tasobola, ekkanisa teyaliimu buluŋŋamu w'asobolera kusinziira kugiyigiriza. Kati, bano abantu yali asobola okubayigiriza ekintu kyennyini ekya nnamaddala.

> . . .nga bwe, *bulokozi bwammwe: mu oyo. . . n'okukkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo omutukuvu eyasuubizibwa,*
>
> *Gwe musingo. . .*(Ha, ekyo leka nneme kukiyitako.)*. . .omusingo gw'obusika bwaffe okutuusa. . .envuma ya* Katonda *lw'erinunulibwa, ekitiibwa kye kitenderezebwe.*

Whew!

166 Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Kati, ekitundu ekisigadde ŋŋenda kukisoma mu bwangu bwe muba musobola okwongera okuŋŋumiikirizaamuko. Twali ludda wa akawungeezi ka luli, Ow'oluganda Mike? Awaali abantu bonna abaali abasanyufu, ha, nga wonna mirembe myereere, okwo kwali kwagala okutuukiridde. Kaakati, buli lw'odda erudda *eno* weeyongera okukka wansi, n'okka. Buli lw'ositula ekigere, weeyongera okusembera yiinci nga ziizo. W'otuukira wano ku nsi, ky'obeera osigazza kiba kisiikirize kya kisiikirize kya kisiikirize kya bisiikirize. Kati, ekyo kye kigera ky'Omwoyo Omutukuvu gw'olina munda mu ggwe. Okwo kwe kwagala. Naye, ha, waliwo ennyonta y'ekintu ekuluma.

167 Ha, abantu nga abantu abo abakadde abakuliridde tebandyagadde ku. . .Nga mpulira nnandyagadde okuddayo mbeere wa myaka kkumi n'etaano, abiri! Ha, buli kimu nnandikiwaddeyo. Naye nnandiganyuddwaamu ki? Nnyinza n'okuba ow'emyaka kkumi n'etaano naye ne nfa ekiro kya leero. Tekiriiko bukakafu bwonna. Watya ssinga obadde wa myaka kkumi n'etaano akawungeezi kano, wandikakasirizza ku ki nti maama wo anaaba akyali mulamu, w'onaatuukira eka, oba nedda? Olina bukakafu ki nti onaatuuka eka? Olina bukakafu ki nti we bunaatuukira enkya onaaba okyali mulamu bw'oba oli wa myaka kkumi n'ebiri, nga oli mulamu bulungi ddala? Oyinza okugwa ku kabenje, n'ofa, oyinza okutuukibwako ekintu kyonna. Tolina bukakafu bwonna, okiraba. Wano tewali kintu kyonna ky'olinako bukakafu bw'osobola kwesigamako. Naye ate ekyo owulira nga mu ggwe okiyaayaanira. Kiva ku ki? Kye Kiri ekiri waggulu Eri kye kikuleetera okuwulira nga okiyaayaanira.

168 Kaakati, bw'oyingira mu Kino, awo obeera olina Obulamu Obutaggwaawo. Kati lwaki kibeerawo? Kubanga gwe "musingo."

169 Ssente eziweebwayo nga omusingo ku kintu kyonna ziba zitegeeza ki? Singa nzija gy'oli okugula emmotoka, ne nkubuuza nti, "Emmotoka eyo ogitunda ssente mmeka?"

170 N'oŋŋamba nti, "Emmotoka eno, Ow'oluganda Branham, ojja kugisasula doola enkumi ssatu."

"Nnyinza kusooka kusasulako mmeka kati?"

"Kale, nja kukukkiriza ogisasuleko doola ebikumi bitaano."

171 "Kale, doola ebitaano ziizino. Ezisigaddeyo nja—nja kuzireeta akadde konna, mangu ddala nga bwe nnaaba nsobodde. Emmotoka eyo togiguza mulala yenna." Ne nkuwa doola ebikumi bitaano, ogwo gwe musingo. Si bwe kiri?

172 Kati, kwata kino, ogwo gwe "musingo," ekyo "ky'ekitundu ekisasuddwa ku muwendo omujjuvu."

> . . . bwe mwamala *okuteekebwako akabonero* ne . . . *Omwoyo eyasuubizibwa*, o . . . *Omwoyo eyasuubizibwa,* . . . bwe mwamala *okuteekebwako akabonero* . . .
>
> *Nga gwe* . . .

Nga kye kiki? Akabonero ako akaasubizibwa kategeeza ki, Omwoyo oyo eyasuubizibwa ategeeza ki?

> *Gwe musingo gw'obusika bwaffe okutuusa* . . . *envuma ya Katonda lw'erinunulibwa,* . . .

173 Kye kiki? Kye kitundu ekisasuddwa ku muwendo omujjuvu. Kati, ow'oluganda, o, o, o, o, o ababuulizi! Kino bwe kiba nga kye kitundu ekisasuddwaako, olwo kiriba kitya fenna bwe tulituukayo! Kiriba kitya? Kino bwe kiba nga . . . Bwe kiba nga kino kye tunyumirwa kaakano, ne tusanyuka nnyo ne tutuuka n'oku . . . ndabyeko abasajja ab'emyaka ekyenda nga beegolola . . .

174 Lumu ekiro nnalabako omubuulizi omu omukadde eyeegolola ne yeesimba. Bwe yali ajja, yagamba nti . . . Yajja akootakoota *bw'ati*, nga ajja ku kituuti. Muli ne nneebuuza nti, "Ddala oyo omusajja omukadde y'agenda okubuulira?"

175 N'agamba nti, "Kale, Mukama atenderezebwe." Yali musajja muddugavu mukadde, nga ayambadde ekkooti ennene enkadde ey'ababuulizi.

176 Muli ne nneebuuza nti, "Lwaki tebawadde omu ku bavubuka abo abato y'aba ababuulira? Ddala oyo muzeeyi, ayinza atya okubuulira?"

177 N'agamba nti, "Kale," n'agamba, "ab'oluganda," n'agamba, "obwedda bwonna mbadde mpuliriza ab'oluganda nga babuulira olunaku lwonna," n'agamba nti, "nga babuulira

ku ebyo Yesu bye yakola ku nsi. Naye nze ŋŋenda kubuulira ku ebyo bye Yakola mu Ggulu." N'agamba nti, "Ekitundu kye tugenda okusoma ŋŋenda kukiggya mu Yobu 7:27," n'agamba nti, "ku byaliwo emabega eri nga n'ensi tennatondebwa," n'agamba nti, "emmunyenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu n'abaana ba Katonda ne boogerera waggulu olw'essanyu." Bw'atyo n'atandika. N'agamba nti, "Kino mukimanyi nti, waliwo ekyabaawo mu kiseera ekyo." N'agamba nti, "Mumanyi . . ." Awo n'atandika okwogera ku ebyo ebyabaawo mu Ggulu. N'abirambulula okutuuka ku musoke eyeekiise mu kujja okw'Okubiri. Mu kaseera ako, Omwoyo Omutukuvu n'amukkako. Kati, muzeeyi ono okujja yajja bamuwaniridde buwanirizi, yali wa myaka nga kyenda mu etaano. Nga yenna ali *ati*, yenna akootakoota, nga mu mutwe yasigazaamu muge gwa buviiri, nga bwe mumanyi, bwe *buti*. N'ajja n'atandika okubuulira, n'agamba nti, "Whoopee! Aleeruuya! Ekitiibwa!" N'atandika okubuukabuuka awo bw'atyo. N'agamba nti, "O, wano temulinaawo kifo kigazi kimala we nsobola kubuulirira." N'adduka, ne yeetala awo ku kituuti, n'amaanyi amangi. Naye ogwo musingo busingo. O!

178 Omwoyo Omutukuvu kiki ky'akola? Ha, wano waliwo akatundu akalungi, leka nsome olunyiriri 1 olw'essuula eddako. Ndusome? Tekirina buzibu? Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina!"—Omuk.] Kale, olunyiriri olusooka olw'essuula ey'oku 2, mangu nnyo. Muwulirize:

> Nammwe, abaali . . . nammwe . . . *Era nammwe yabazuukiza, bwe mwali . . . nga mufiiridde mu byonoono n'ebibi byammwe:*

179 "Yabazuukiza mmwe." *Okuzuukiza* kitegeeza ki? "Kufuulibwa abalamu." Kyenkana mwali bafu, naye n'Abazuukiza nga akozesa ssente ez'omusingo. Kati olwo kiriba kitya bwe mu—bwe muliweebwa emiganyulo gyonna mu bujjuvu? O! Tekyewuunyisa Pawulo, bwe yasitulibwa n'atwalibwa mu ggulu ery'okusatu, yagamba nti, "Eriiso bye litalabangako; n'okutu bye kutawulirangako; era ebitayingirangamu, ebitayingiranga mu mutima gwa muntu, ebyo Katonda by'abategekedde (mu tterekero) abo abamwagala." Oba ekyo kiriba kitya! Yogera ku ssanyu eritalojjeka erijjudde ekitiibwa! Whew! Uhm! Mmwe abaali baafiira mu bibi n'ebyonoono Yabazuukiza wamu okuyita mu kisiikirize ky'ekisiikirize ky'ebisiikirize. Olwo kiriba kitya bw'olituuka ku kisiikirize ky'ebisiikirize n'oyingira mu kisiikirize, n'ova mu kisiikirize n'odda mu kagga, n'ova mu kagga n'odda mu mugga, n'ova mu mugga n'odda mu liyanja?

180 Kati kiriba kitya bw'olibeera eyo mu buziba bw'obununuzi, nga olina omubiri omupya, ozzeeyo okuba omuvubuka, oba omuwala, nga toliddamu kufa? N'otunula wansi ku nsi, muli n'ogamba nti, "Nnandibadde ndyayo ezzabbibu ne nnywa ne

ku lwendo lw'amazzi amalungi agannyogoga, naye, omanyi, ebyo wano wendi sibyetaaga. Naye lumu Yesu alijja, era omubiri guno ogulinga ogwa bamalayika, omubiri guno ogw'omwoyo mwendi . . . " Ku mulundi ogwo teguliva mu nda ya mukazi, teguliva mu kwegomba kwa kwegatta kwa musajja na mukazi; wabula kubanga Yazaalibwa awataali kwegomba kwa kwegatta kwa musajja na mukazi, nange ndizuukizibwa awatali kwegomba okwo, era lumu Alyogera n'abo abaafiira mu Kristo balizuukira, olwo omubiri ogwo gwe nnabeerangamu guzuukire gubeere omubiri ogw'ekitiibwa, era nditambula era ndyogera, era ndiba mulamu era ndinyumirwa (aleeruuya), ndiba mulamu okuyita mu mirembe Egitaggwaawo egigenda okujja, okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo. Whew! Kiikyo, ow'oluganda, eyo y'Enjiri!

181 "Bwe nnawulira," kati Pawulo yeeyogerako kiki ky'ali. ŋŋenda kusoma bino ebisigaddeyo bwe mmala tusabire abalwadde. "Okutuusa envuma lw'erinunulibwa, guno gwe musingo okutuusa envuma lw'erinunulibwa, ekitiibwa Kye kitenderezebwe."

> *Bwe nnawulira, okukkiriza kwammwe* (nnawulira nti ebintu bino mubikkiriza, nnawulira nti ddala mukkiririza mu kwawulibwa, mu Bulamu Obutaggwaawo, wamu n'obulokozi, n'ebirala) *mu Mukama waffe Yesu, wamu n'okwagala kwe mulaga eri bonna . . . abatukuvu,*
>
> *Kye nva sirekangayo kwebaza, nga mboogerako mu kusaba kwange;*
>
> *Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'ekitiibwa, abawe omwoyo ogw'amagezi n'ogwokubikkulirwa . . . kumutegeera ye:* Yeeyongerenga okubeebikkuliranga bulijjo, nga bwe mukula okuva mu kisa okudda mu kisa, okuva mu maanyi okudda mu maanyi, okuva mu kitiibwa okudda mu kitiibwa. So si kuddirira kudda mabega; na, wabula kuva mu kitiibwa okudda mu kitiibwa, mweyongere bweyongezi mu maaso. Nja kugenda mu maaso nga mbasabira.
>
> Eriiso—*amaaso g'okutegeera kwammwe . . .*

182 Hum! Omanyi, Bayibuli egamba nti mwali bazibe b'amaaso nga temukimanyi. Naye wano Pawulo yagamba nti, "ŋŋenda kusaba amaaso g'okutegeera kwammwe . . . " Otegeera na mutima gwo. Ekyo ky'ayogerako. Okozesa liiso lyo okutunula, wabula olaba na mutima gwo. Ekyo mukimanyi. Kale. "Katonda ow'Ekitiibwa . . . " Mulindeeko tulabe, olu—olunyiriri olw'e 18.

> *Nga mumulisibwanga amaaso ag'omutima gwammwe; mmwe okumanya essuubi* ery'okuyitibwa *bwe liri,*

n'obugagga obw'e . . . obw'ekitiibwa eky'obusika bwe mu batukuvu bwe buli,

Era obukulu obusinga ennyo obw'amaanyi ge eri ffe . . . (whew! Bagamba mbu amaanyi gaagenda? Amaanyi n'okutuuka tegannaba kutuuka) . . . *abakkiriza, ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola,* (Eri mmwe abakkiriza okukola kw'amaanyi Ge ag'ekitalo, nnyabula nsaba Katonda abafukeko amaanyi Ge. Mukiraba?)

Ge yakoza mu Kristo, bwe yamuzuukiza okuva—okuva mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo mu . . . bifo eby'omu ggulu,

Waggulu nnyo . . . okusinga okufuga kwonna, . . . n'obuyinza bwonna, . . . *n'amaanyi, . . . n'obwami, na buli linnya eryatulwa, . . .*

183 O, o, o! Olwa . . . Nedda, ka nkireke. Ekyo ddala tusobola okukimalako ekitundu ky'ekiro ekisigaddeyo.

. . . na buli linnya eryatulwa, si mu mirembe gino gyokka, naye ne mu mirembe egyo *egigenda okujja:*

184 Buli—buli linnya kitegeeza ki? Buli linnya lya buli muntu liriba Linnya ki? [Ekibiina kiddamu nti, "Yesu."—Omuk.] Eggulu lyonna liyitibwa linnya lya Yesu. Ekkanisa yonna eyitibwa Yesu. Buli kimu kiyitibwa linnya lya Yesu, kubanga lye Linnya lyokka Katonda lye yali abadde nalyo. Ayitibwa Yakuwa: Yakuwayire, Ssaddaaka ya Mukama gy'agabiridde; Yakuwa-rafa, Mukama akuwonya; Yakuwa, bendera ya Mukama, Manase; ne Yakuwa, Yakuwa mu ngeri endala ezitali zimu. Ayitibwa Emmunyeenye ey'oku Nkya. Ayitibwa Kitaffe, Ayitibwa Omwana, Ayitibwa Omwoyo Omutukuvu. Ayitibwa Alufa, Ayitibwa Omega. Ayitibwa Entandikwa, Ayitibwa Enkomerero. Ayitibwa Ettabi. O, Ayitibwa . . . Ayitibwa ebitiibwa ebya buli kika, Wabula Yalina Erinnya limu.

185 Ky'ekyo Matayo kye yali ayogerako, bwe yagamba nti, "Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza okuyingira mu Linnya," si mu mannya, "mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Kitaffe si linnya, Omwana si linnya, Omwoyo Omutukuvu si linnya. Kitiibwa butiibwa ekyongerezebwa ku Linnya. Linnya ery'enneeyoleka ez'engeri essatu eza Katonda omu. Erinnya Lye yali ayitibwa ani? Malayika yagamba nti, "Naawe olimutuuma Erinnya Lye . . ." [Ekibiina kiddamu nti, "Yesu."—Omuk.] "kubanga Alirokola abantu Be okuva mu bibi byabwe." Eyo y'ensonga lwaki bonna baabatiza bwe batyo mu Bayibuli. Bw'atyo Omutukuvu Agusitiino bwe yabatiza Kabaka wa Bungereza, oluvannyuma lw'emyaka nga—nga kikumi mu ataano, oba bibiri Kristo kasookedde afa, mu Linnya lya Yesu Kristo. Kale.

Waggulu nnyo . . . okufuga kwonna, . . . n'obuyinza, . . . n'amaanyi, . . . n'obwami, kibeere nti—kibeere nti *buli linnya eryatulwa, si mu mirembe gino gyokka, naye ne mu gigenda okujja:*

Era atadde *byonna wansi w'ebigere bye*, era amuwadde *okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa,*

Gwe mubiri gwe, . . .

186 Kati, omubiri gwange bwe guba nga gulina amaanyi ku bintu byonna, kitegeeza nti omubiri gwange kye guli nange kye ndi. Ekyo si bwe kiri? Ekyo kye mba ndi, ku ekyo kw'ontegeerera kye ndi. Si bwe kiri? Kale, kaakati¸ ekyo kyonna Katonda kye yali, Yakifukumula mu Yesu, kubanga Ye yali okujjula kw'obulamba bwa Katonda bwonna nga buli mu mubiri. Si bwe kiri? Kati ne Yesu kyonna kye yali, Yakifukumula mu Kkanisa, "Ebintu bino bye Nkola, nammwe mulibikola. Mulikola n'ebisinga ku bino, kubanga ŋŋenda eri Kitange."

Gwe mubiri gwe, okutuukirira kw'oyo atuukiriza byonna mu byonna.

187 O, ekyo nga nkyagala nnyo! Nga nkyagala nnyo ekyo! Luli nnali nsoma ekitabo ekyawandiikibwa ku lugendo lwe nnagendako okuweereza—okuweereza mu Afirika. Nnali sikisomangako. Ekitabo ekyo bameka abaali bakisomye, *Nnabbi Bwe Yakyalako Mu Afirika*? Mu kitabo ekyo nnali nneetegereza akalenzi akato Akayindi. Ekifaananyi ekyo bameka abaakiraba?

188 Nnawulirako omubuulizi w'enjiri omu, eyali yaakamala emyaka kkumi n'etaano ndowooza n'okusingawo nga asabira abalwadde, eyagamba nti, "Mu bulamu bwange sirabanga ku ky'amagero nga kikolebwa." Yagamba nti, "Ndabye ku bantu abagambyenga nti emitwe gibadde gibaluma, ne bawona. Ndabye ku bantu abagambyenga nti babadde balumizibwa mu lubuto, ne bawona, n'abalala ab'enjawulo. Naye ekyamagero, ekintu ekitondebwawo awo ne kikola ekintu . . . "

189 Muli ne ŋŋamba nti omulenzi oyo yali asaana abeerewo ekyo akyerabireko n'amaaso ge. Akalenzi kano Akayindi okugulu kwako kwali kwenkana wano *bwe kuti* obunene, okumu. Kuli okulala kwali kulamu bulungi nga okugulu kw'omuntu omulamu obulungi bwe kubeera. Era, bw'oba weetegerezza bulungi, ku lukoba lwe yali yeesibye, kwaliko engatto gye yali ayambadde nga ya buwanvu bwa yinci nga kkumi na nnya oba kkumi na ttaano, bw'eti. Nga wansi waayo eriko ssoole ey'ekyuma. Engatto ye eyo yali ewaniriddwa obuuma bubiri. Yatambula n'ajja we nnali nnyimiridde, baamulinnyisa ne bamutuusaawo. Yalina emiggo gy'abalema ebiri. N'akwata engatto eno ennene ey'ekyuma n'agikoona wansi bw'atyo. Ne ntunuulira okugulu kwe, nga kwenkana *awo* bwe kuti.

190 Kati, abantu abo bagoberezi ba Muhammadi, bagoberezi ba Muhammadi. Mujjukira Ssande eri bwe nnabasomera ebyafulumira mu mpapula z'amawulire? Olupapula ndulina wano wennyini, olwafulumira mu Afirika, olwamperezebwa omuminsani waffe okuva mu Afirika, Ow'oluganda Stricker. Omuli omuko ogwogera ku ngeri Billy Graham gye yatyamu. Ddala bwe kyali. Bakkiriza omugoberezi wa Muhammadi okubawalaawala n'abasindiikiriza okukkakana nga bali mu nnyanja. Mutawaana ki? Abaminsani bagenda baabulira omulimu gwe babadde bakola ogw'okubuulira enjiri. Kikyagasa ki okusigala nga bagibuulira? Bawangulwa buwangulwa.

191 Billy Graham mmwagala, era ndowooza nga musajja wa Katonda ow'ekitalo. Naye Billy Graham kye yandibadde amusoomoza nakyo, yandimugambye nti, "Lindako katono . . . " singa abamu ku Babaputisiti bano abakakanyavu baali basobola okumukkiriza okukikola, nzikiriza yandikikoze. Nzikiriza nga Billy Graham musajja wa Katonda. Naye singa yamugamba nti, "Lindako katono! Ndi mubuulizi wa Njiri. Okkiririza mu Ndagaano Enkadde, naye ogambye nti Yesu teyali kirala kyonna wabula yali muntu buntu. Nkusoomooza tukubaganye ebirowoozo." Sikkiririza mu kwetaba mu kusoomoozebwa kwa ssetaani kw'aba ataddewo, nedda ssebo, naye nnandimusoomoozezza, ne mmugamba nti, "Nze naawe njagala tugasimbagane. Ndi Dokita mu by'Eddiini," Billy Graham Dokita mu by'Eddiini, "ku nsonga eno njagala nkusoomooze, era njagala nkukakase nti Yesu yali Kristo. Kati, bwe kituuka ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, ebyo ebirabo sibirina, naye tulina ab'oluganda ababirina. Kati, abantu abo bw'oba owulira nga oyagala obaleete, nsobola okuyita omu ku b'oluganda abo, Oral Roberts oba omulala yenna, omuntu alina obuweereza obw'amaanyi obusobola okukola ku nsonga eyo." Yandigenzeeyo, era bandirabye ebyandibaddewo, era oluvannyuma yandibagambye nti, "Obukristaayo kye mubulowooleza okuba si kye buli."

192 Naye kati buli omu amaanyi gaamuggwaamu kubanga yeemulula bwemuluzi n'aviira omusajja oyo. Kati, weewaawo, sikkiririza mu kwetaba mu kusoomoozebwa kwa ssetaani. Nange nnali mmuwanduliddeko amalusu mu maaso bwentyo, ne ntambula ne mmuviira. Ddala nnali nkikoze. Naye bwe kituuka mu mbeera nga . . . Billy yandi—yandibadde atoowaaza omugoberezi wa Muhammadi n'atuuka okwewulira nga ekiddoddo *bwe kityo* ekiri awo ekitalina mugaso gwonna. Yandibadde akwata Bayibuli eyo n'anokola Isaaya 9:6, n'amubuuza nti, "Yali ayogera kw'ani bwe yagamba nti, 'Omwana Atuzaaliddwa ffe, Omwana ow'obulenzi atuweereddwa'? Omusajja oyo yali Ani? Yali ani Oyo gwe yali ayogerako? Oyo yali Nnabbi ki? Oyo yali Masiya ki eyali ow'okujja? Ndaga we Yeeyolekera mu

Muhammadi. 'Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obujeemu bwaffe, okubonerezebwa kw'emirembe gyaffe kwali ku Ye, era olw'emiggo egyamukubwa twawonyezebwa.' Ebyo bindage nga birabisibwa mu Muhammadi. Yakaaba atya nti, 'Katonda Wange, Katonda Wange, kiki ekikundesezza? Baafumita ebibatu Byange n'ebigere Byange,' n'ebirala? Bindage nga okozesa ekigambo ekikyo, endagaano eyiyo yennyini." Nkukakasa, yandiwuttudde omugoberezi wa Muhammadi oyo ne yeerabira ne w'ali. Ddala.

193 Naye ate olupapula lw'amawulire bwe lwakuba enkyukira, ekyo kye kyannuma, ekyo kye kyaleetera omutima gwange okwennyamira. Bwe lwagamba awo nti, "Newankubadde Billly yatya okwolekanya obwanga, abagoberezi ba Muhammadi bayinza batya okugamba nti byali bikyamu," ne lugenda mu maaso ne lugamba nti "nga Lev. William Branham bwe yali e Durban, mu South Africa, yakola ebyamagero eby'omuddiriŋŋanwa ebitawakanyizika, ku lw'amaanyi ga Katonda, abagoberezi ba Muhammadi omutwalo mulamba bwe baagwa ku bwenyi bwabwe omulundi gumu bonna ne bawaayo obulamu bwabwe eri Yesu Kristo." Mazima ddala. Bakimanyiiko. Abantu abo abakkiriza nti ebyawandiikibwa kye bigamba kye bitegeeza bakimanyi. Togezaako kuŋŋamba nti tebakimanyi.

194 Lumu waliwo eyajja eri Yesu, n'amugamba nti, "Labbi!" Mumanyi nga yali Mufalisaayo. Yamugamba nti, "Tumanyi nga Oli Muyigiriza eyava eri Katonda. Tukimanyi. Tukimanyi, kubanga tewali muntu ayinza kukola Ggwe by'okola okuggyako nga Katonda ali naye. Ekyo tukitegeera bulungi. Tukimanyi. Naye kimu kyokka tetusobola kukyatula, olaba, kubanga singa tugeza ne tukyatula, eky'amazima, tujja kugobebwa mu kkanisa zaffe. Olaba, tujja kufiirwa ebitiibwa byaffe." Yesu kye yava amugamba, n'atandika okumubuulira nga bw'ateekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.

195 Ku ky'omulenzi oli eyali omugoberezi wa Muhammadi, bwe yali ayimiridde awo, ekifaananyi kye kiikyo awo. Kamera teyinza kukwata bulimba. Wuuyo ayimiridde awo, nga okugulu kwe okumu kumpi nga kubulako (yinci nga kkumi na nnya) bw'okugeraageranya ne kunnaakwo, nga akozesa engatto eri ey'ekyuma okuyimirira. Nnamubuuza, nti, "Oyogera Olungereza?"

196 "Nedda, ssebo." Nga tasobola kwogera Lungereza. Omuvvuunuzi n'agamba nti, "Tayogera Lungereza."

"Omaze bbanga ki mu mbeera eno?" Omuvvuunuzi n'amubuuza.

"Okuva bwe nnazaalibwa."

"Okugulu okwo osobola okukusenvulamukko?"

"Nedda, ssebo."

"Okkiririza mu Yesu Kristo?"

N'agamba nti, "Ndi mugoberezi wa Muhammadi."

Ne mmubuuza nti, "Onakkiriza Yesu Kristo bw'Anaakuwonya?"

197 "Nja kusembeza Yesu Kristo okubeera Omulokozi wange bw'Anamponya."

198 "Okugulu okwo bw'Anaakuwonya ne kwenkanankana ne kuli, onaamusembeza?"

"Nja kumusembeza."

199 "Kaakano, ayi Katonda, ogenda kukola ki?" Kino kye kintu ekiddako; ebibuuzo byonna byanukuddwa. Ow'oluganda Mike, eyo y'enneewulira eyaliwo. Nnalindirirako okumala eddakiika nga emu okulaba kiki ky'Anaayogera. Ne nneekaliriza omulenzi ono omuto nga agenda, atambula, bwe yeekwata ku bisenge bw'atyo. Ne mbuuza nti, "Bameka ku mmwe abagoberezi ba Muhammadi abanaakikkiriza? Omulenzi wuuno wano omugoberezi wa Muhammadi, mumulabe, ayimiridde awo." Ne ŋŋamba nti, "Abasawo, nammwe mwandyagadde okumwekkaanya? Wuuyo awo." O, kati w'obuuliza ekyo obeera omanyi w'oyimiridde. Mukiraba, obeera omanyi w'oyimiridde. Tewali muntu . . . Omulenzi yali awo.

200 Kye nnava ŋŋamba nti, "Tambula ojje eno, mutabani." Ne bamukwatirira, n'ajja nga awenyera. ("Ta-lump, ta-lump.") Ne ŋŋamba nti, "Okugulu kulabika nga okubulako yinci nga kkumi na bbiri, oba kkumi na nnya bw'okugeraageranya ne kunnaakwo. Awo bwe *watyo*."

"Weewaawo."

201 Ne ŋŋamba nti, "Naye Yesu Kristo Omwana wa Katonda asobola okumuwonya. Munaakikkiriza mmwe abagoberezi ba Muhammadi ne mumusembeza okuba Omulokozi wammwe?"

202 Waliwo enkumi n'enkumi z'emikono gy'abaddugavu egyayimusibwa waggulu bwe gityo. "Kaakano, Mukama, kano ke kaseera." Ne ŋŋamba nti, "Kitaffe ow'omu Ggulu, bw'oba Wali oyanukudde, nnyanukula mu kaseera kano, kino kikolebwa ku lwa Kitiibwa Kyo, kikolebwa ku Lulwo. Omulenzi ono nkusaba omuwonye." Bwentyo bwe nnamusabira.

203 Ne ŋŋamba nti, "Engatto yo giggyeemu." Omuvvuunuzi, n'antunuulira nga takikkiriza. Ne ŋŋamba nti, "Engatto yo giggyeemu." N'agisumulula obuguwa. Kubanga okwolesebwa okwo nnali mmaze okukulaba, nga mmaze okulaba ekigenda okubaawo. Ekintu ekyo n'akiggyako. Bwe yakiggyaako n'atambula nga ajja gye ndi, amagulu gombi gaali malamu nga bwe galina okuba, nga gombi gatambula nga amapya. Ne mmubuuza nti, "Wandyagadde okutambula nga weetoloolamu wano?"

204 Bambi n'atandika okukaaba, nga bw'atambula bwe yeetooloola awo, nga bambi n'eky'okukola takimanyi. N'atambula awo bw'atyo, n'agamba nti, "O Allah! Allah!"

Ne mugamba nti, "Yesu! Yesu!"

O, o, o! "O Yesu! Yesu," bw'atyo. "Yesu! Yesu," bw'atyo.

Ne mbuuza nti, "Waliyo ekibuuzo kyonna, waliwo alina ky'abuuza?"

205 Julius Stadsklev, bameka abamumanyi? Ow'oluganda Stadsklev yajjako wano ku kkanisa; ya—yaakagenda e Bugirimaani. Yagamba nti, "Sooka olindeko, Ow'oluganda Branham, sooka olindeko." Nga ayagala kuleeta mukubi wa bifaananyi mu bwangu ddala. "Nsobola okumukuba kifaananyi?"

Ne mmugamba nti, "Oli wa ddembe."

206 "Tambula ojje *wano*, engatto yo giteeke *wano* eno." N'ayimirira erudda, n'akuba ekifaananyi ky'omulenzi ne kkamera, nga amagulu gombi malamu ddala nga bwe galina okuba. Nga engatto ye eri enkadde eri awo n'olukoba, bwe *bityo*, bwe *bityo* awo.

207 Ne mbuuza nti, "Kati bameka ku mmwe abagoberezi ba Muhammadi abeegaana Muhammadi okuba nnabbi, abakkiriza nti Yesu ye Mwana wa Katonda, era abamusembeza okuba Omulokozi wammwe?" Emikono omutwalo mulamba ne giyimusibwa waggulu. Aleruuya! Tebaagala . . .

208 Bagezaako okukizibiikirira obutamanyika, mbu kubanga tuli "batukuvu abeevulunga," nga bwe batuyita, mulaba. Naye era, Katonda atambula. Ali mu kuteeka Kkanisa Ye mu kifo kyayo. Akola ebisingirayo ddala mu byonna, mu bungi ddala okusukkuluma bye tuyinza okukola n'okulowoozaako. Akyali Katonda y'omu ddala akawungeezi kano nga bwe Yali abadde.

209 N'olwekyo, mikwano gyange abaagalwa, muleke mbeeko ne kye mbabuulira mu kaseera kano. Abantu bange abaagalwa ab'omuwendo, mmwe abali wano mu kitundu kino, n'abalala abawulirira ku ntambi n'abalibeera emitala w'amayanja ne wonna we muli, temutya. Buli kimu kiri bulungi. Kitaffe Katonda, nga n'ensi tennatondebwa, yamanya buli kimu ekyali eky'okubaawo. Buli kimu kikolera ddala nga bwe kyalina okuba. Omwagala? Kuuma omutima gwo nga guli mu mbeera entuufu.

210 Era, mujjukire nti, bw'ossa omukka guno n'ova mu bulamu buno, eri mmwe abakadde oba eri mmwe abato, nammwe bamaama, bwe mulaba abaana bwammwe abawere, akawala ako akawere akaafa nga tekannaweza yadde ennaku omunaana oba ennaku ettaano, alibeera mukazi alabika obulungi bw'olimulaba. Jjajja omusajja oyo eyali akootakoota, nga takyasobola na kulaba gy'alaga; bw'olimulaba, jjajja omukazi, alibeera muvubuka omuto alabika obulungi, nga muvubuka wa

myaka nga abiri, mu myaka emito egy'ekivubuka. Era alisigala bw'atyo emirembe n'emirembe. Oliba osobola okumukwatako mu ngalo, ne mulamusiganya. Olimuwambaatira, naye talibeera "mwami wo," wabula alibeera "waaluganda." Ha, bannange! Alibeera asingawo nnyo ku kubeera "omwami wo." Ggwe wali olowooza mbu wali omwagala? Weewaawo wali omwagala. Naye okwo kwali kwagala okwa *phileo*; linda lw'olifuna okwagala okwa *agapao*. Linda okutuusa okwagala okwo okwa nnamaddala okwa Katonda lwe kulikakata, oliraba kiki ddala kye kuli. Kuno kwe tulina wano bwe kugeraageranyizibwa kulinga ntuumu ya kasasiro evaamu ekikka, tekuliimu kalungi yadde, tekulina kye kuli. Kaakano amagezi gokka ge mbaweerera okukola, ge gano, mikwano gya—gya—gyange . . .

211 Nga wayiseewo akaseera nja ku . . . Mwandyagadde nneeyongere mu maaso n'essuula ziri endala ebbiri? Mukama nga . . . Nni—nnina okuwummulamukko nga sinnagenda Chautauqua. Kati, ebintu bino siyinza kubibuulira mu nkuŋŋaana ezo. Wajja kubaayo obu- . . . enzikiriza nnyingi nnyo ez'enjawulo. Mukiraba? Wano tuli ba kkanisa ffekka. Mukiraba? Siyinza ku . . . Wano nnina eddembe okubuulira kyonna kye njagala okubuulira. Lino kkuŋŋaaniro lyange, mulaba, era bino mbibuulira eri mmwe. Kati, N'abantu bali nzikiriza nti baalokoka. Yee, ssebo, nkikkiririza ddala. Naye, ha, nga kisingawo nnyo okutambula nga omanyi gy'olaga. Nga kisingawo nnyo, okumanya, okuba nga otegeerera ddala bulungi ky'okola, mukiraba, mu kifo ky'okutagala, nga bw'ogenda weesittala. Leka tuyimirire mu Musana, tutambulire mu Musana nga tumanyi bulungi gye twolekedde. Ekyo kituufu. Mukama abeere nammwe.

212 Era bwe kiba nti waliwo mu mmwe atannateekebwa mu kifo kye mw'alina okuba! Oyinza obutabeera kintu kya maanyi wabula nga oli mukyala bukyala ow'omu maka. Kati, oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nze sirina kintu kya maanyi kye nnali nkoze mu bulamu bwange. Siri mubuulizi wa njiri." Kati, tomanya Katonda ayinza okuba nga kye yakuleetera wano kwali kukuza baana mu maka, nga ob'olyawo okuva mu maka ago abaana abo mwe bali mujja kuvaamu amaka amalala ag'abaana mu baana abo omuliva omubuulizi w'enjiri alisindika akakadde k'emmeeme eri Kristo. Walina okuba wano. Wano oliwo lwa kigendererwa. Ekyo mubadde mukimanyi?

213 Weewaawo, oyinza okuŋŋamba nti, "Naye nze kyokka kye nnali nkoze, kwali, kutema mavuunike. Nnafulumanga ebweru, akawungeezi, nga simanyi na bwe nnaanoonyeza baana bange kya kubabeezaawo. Ne mbutunuulira bambi nga tebulina na ngatto mu bigere. Ne ntuula awo ne nkaaba. Ne nfunayo ekigaali ekikadde ekisikibwa embalaasi, nze ne Maw ne tukikozesa okugendanga ku kkanisa." Teweeraliikira, ow'oluganda. Ggwe weeyongere bweyongezi kumwagala, Akulinamu

ekigendererwa. Ggwe sigala busigazi nga bw'oli, weeyongere bweyongezi mu maaso. Olaba? Oyinza obutabuulirayo yadde obubaka obumu buti, naye oyinza okuba taata wa jjajja w'oyo alibuulira.

214 Mubadde mukimanyi nti Katonda yasiima (Leka tulabe kati, yali ani?) Levi, olw'okusasula ekimu eky'ekkumi bwe yali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu, Merukizeddeeki bwe yamusisinkana? Ekyo bameka abakimanyi? Kati leka tulabe. Ibulayimu yazaala Isaaka, Isaaka n'azaala Yakobo, Yakobo n'azaala Levi; nga kw'abo kwaliko kitaawe, jjajjaawe, ne taata wa jjajjaawe; bwe yali akyali mu ntumbwe, mu nsigo ya taata wa jjajjaawe, Bayibuli emusiima olw'okuwa ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki. Bannange, bannange, bannange, bannange! Ow'oluganda! O! Ndi . . .

215 Lumu ekiro waliwo akasajja—waliwo akasajja Akangereza akaalokoka mu Bungereza, ne kagamba nti, "Ndi musanyufu nnyo! Ndi musanyufu nnyo!"

216 Weewaawo, ndi musanyufu nnyo okukimanya nti ekyo kituufu! Era olunaku lumu olw'ekitiibwa, olunaku olwo simanyi ddi lwe lulibaawo, naye kiri bwe kiba nga kwali kwolesebwa, sigamba nti nnali wano. Mujjukire, kino mukijjukirenga bulijjo, n'abalina entambi nammwe mukijjukirenga. Oba nnali mu kwolesebwa, oba nnasitulibwa mu Mwoyo, simanyi. Naye kyali kya nnamaddala nga bwe nkwata ku Muganda wange Neville *bwentyo*, nga kya nnamaddala. Era abantu bali nnali nsobola okubalaba n'okwogera nabo. Ne mukyala wange eyasooka mu bo yalimu, naye teyayogererako waggulu nga ampita nti, "omwami wange," yagamba nti, "mwannyinaze omwagalwa."

Mwalimu n'omuwala gwe nnatambulanga naye emyaka egiwerako emabega.

217 Ob'olyawo abantu be weebali wano, Alice Lewis eyali ava mu Utica, omuwala Omukristaayo alabika obulungi, ow'eggonjebwa. Yafumbirwa akuliridde mu myaka, aba azaala omwana we asooka n'afa nga azaala. Alice Lewis, nnagenda okumulaba mu maka gye baakumira olumbe nga tebannaziika. Nnali nnaakakomawo eka, ne ntegeezebwa nti yafudde. Ne nserengetayo, okutuukayo nga mu nnyumba tewaliiyo muntu yenna, ne mbuuza nti, "Wano omukazi ayitibwa, Muky. . . . " Yali ayitibwa Emmerke. Yali yafumbirwa omulenzi Omukristaayo omulungi, naye yali muwala Omukristaayo omulungi. Omuwala oyo nnatambulanga naye buli wamu, mu bifo ebya buli ngeri na buli wamu wonna. Nga tukyali baana bato ba myaka kkumi na munaana, kkumi na mwenda, ne tugenda buli wamu wonna, yali Mukristaayo omulungi ddala, sirina kikyamu kyonna kye nnali mmumanyiiko okuggyako okubeera Omukristaayo ddala yennyini ataliimu bukuusa. Ate nze nnali na mwonoonyi. Naye nga nnatambulanga naye. Nnayingira mu . . . Ne bba naye yali Mukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri, omusajja owa

nnamaddala. Kati nnali sinnamanya; okufa kwe, nnakutegeera luvannyuma lwa kusoma mu lupapula lwa mawulire. Bwentyo ne nserengetayo bwe bantegeeza. Ne nserengeta emmanga mu maka gye baakumira olumbe agayitibwa Coots, ne mbuuza nti, "Wano mulinawo omuntu yenna ayitibwa Muky. Emmerke?"

Omwami n'anziramu nti, "Billy, ali awo wennyini mu kisenge."

218 Ne nnyingira munda ne nnyimirira awo ku mabbali g'essanduuko. Muli ne ŋŋamba nti, "Alice, mbaddeko naawe mu mbeera ezijjudde obuzibu, mpise mu buzibu obutenkanika. Ggwe nange tutambuddeko ffenna ku nguudo ezitali zimu ne tusomoka ne tugenda emmanga ku mugga, we baabeereranga n'empaka z'amaato, ne tutuula wansi ne tuwuliriza ennyimba za calliope. Ne tutambulanga ne tudda eno n'eri, nga wali mukazi wa kitalo! Nga nsiima Katonda olw'obulamu bwo. Wummula, mwannyinaze omulungi, wummulira mu mirembe gya Katonda."

219 Naye ekiro kya luli mu kwolesebwa, yajja gye ndi nga adduka. N'aŋŋamba nti, "Mwannyinaze omwagalwa," n'angwa mu kifuba. O, o, muganda wange ne mwannyinaze, ekyo kyankyusa. Sikyayinza kuddamu kubeera muntu y'omu. Kya nnamaddala nnyo! Kya—kya nnamaddala ddala nga bwe mbatunuulidde kati, kya nnamaddala bwe kityo. N'olwekyo, tewali kutya. Nyinza okufa nga obudde tebunnakya.

220 Nnandyagadde okukuza mutabani wange ali emabega wali, Joseph. Njagala mmulabe nga ayimiridde mu kituuti, we nsobolera okukwata Bayibuli eno. . . ntuuke akaseera ndabe Joseph nga ayimiridde mu kituuti abuulira enjiri nga—nga omuvubuka omuto ajjudde Omwoyo Omutukuvu, nga afukiddwaako amafuta ga Katonda. Era nzikiriza nti ajja kuba nnabbi. Olunaku lwe—lwe—lwe nnamulaba nga wakyabulayo emyaka mukaaga azaalibwe, mujjukira bwe nnabagamba nti yali agenda kuzaalibwa. Mujjukira kye nnamuyita, awo wennyini ku mabbali g'ekituuti, nga simanyi na kye njogera, bwe nnali nsabira abaana abawere okubawongayo, ne ŋŋamba nti, "Joseph, oli nnabbi."

221 Kati luli bwe nnali nnyimiridde awo mu luggya, yajja we nnali n'ambuuza nti, "Taata, Yesu naye alina omukono nga ogugwo?"

Ne mmuddamu nti, "Weewaawo, agulina, mutabani. Lwaki?"

222 N'agamba nti, "Mbadde ntudde ku kagaali kange, nga nninda Sarah" oyo ye mwannyina muto we, "okukomawo eka okuva ku ssomero." Yali alina erudda we yali atudde. Nnamugaana okugenda ku luguudo, kale yalina erudda we yali atudde *bw'ati*. N'agamba nti, "Ntunudde waggulu, ne," n'agamba nti, "bwe ntunudde waggulu, ŋŋenze okulaba nga

waliwo omukono nga ogugwo, nga gwambadde ekyambalo ekyeru nga gunkutteko." N'agamba nti, "Bwe gumaze ne gwambuka waggulu." N'ambuuza nti, "Ogwo gubadde mukono gwa Yesu ogwambuse waggulu?" Ne ntunuulira maama we, ne maama we n'antunuulira. Ne tugenda ewa Muky. Woods. Waali, alina w'atudde wano. Omuto ne tumubuuza, kino na kiri, mu buli kye twali tusobola okumubuuza. Naye kwali kwolesebwa. Yakulaba. Nneesunga ekiseera lwe ndiraba omuto Joseph nga ayimiridde . . . nsuubira nga ndiba nkyaliwo ne mmulaba nga awasa, Yesu bw'aliba tannadda.

223 Kale nkaddiye, nzenna omuttunta ogw'envi gunzijudde wano ku nsingo. Mpeerezza . . . Njagala mperezeeyo obukadde obulala bubiri obw'emmeeme oba busatu eri Kristo ssinga nnaaba nsobodde. Nnamalirira okubuulira Enjiri okutuuka mu buli kanyomero k'ensi konna. Yee, ssebo. Nsaba, Katonda annyambe, nja kukikola. Kale, bwe nnengera ekiseera ekyo nga kisembera, Ow'oluganda Mike.

224 Nnengera akaseera ako nga Mama, Meda, mmweyitira, mwagalwa wange, olaba, agenda . . . tugenda tukaddiwa, ndaba agenda amera envi, era ndaba nga tugenda tuggwa ku mpagala, tuyenjebuka.

225 Rebekah, Rebekah mmwenyumiririzaamu nnyo. Omusomesa we amuyigiriza okuyimba luli akawungeezi yaŋŋamba nti, "Bannange, singa agenda mu maaso bw'atyo, Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "alina bingi by'asobola okukola." Mulaba, yeeyongera okukola obulungi mu kuyimba. Njagala abeere ku, ate njagala . . . Sarah njagala abeere ku nnanga ennene, Becky ku nnanga entono, ate ye Joseph mmwagala mu kituuti.

226 Ekyo nninda lwe ndikiraba nga kibaawo, nze ne Mama lwe tuliyingira nga tubambaga, nga nkutte akaggo kange, awo akawungeezi, ne tujja nga tubebbera mpola mpola mu kkubo, ne nnengera munda eri ne ndaba mutabani wange nga ayimiridde awo yenna afukiddwaako amafuta g'Omwoyo Omutukuvu, nga abuulira Enjiri y'emu eno. Njagala nkwate Ekitabo kino ekikaddiye, mmugambe nti, "Mutabani, Kikwate, Kikyo. Kinywerereko, togezangako okubaako Ekigambo yadde ekimu bwe kiti kye wekkiriranyaako. Kinywerereko, mukwano. Togezanga, sifaayo, sifaayo ani akulwanyisa, oba ani atakkiriziganya', Katonda ajja kubeerangawo ku lulwo. Ggwe buulira bubuulizi buli Kigambo ddala nga bwe Kyawandiikibwamu Omwo, ne Taata ajja kukusisinkana emitala w'omugga." Njagala nnyanjuluze emikono gyange mpambaatire, mukyala wange, tusomoke Yoludaani.

227 Okutuusa ekiseera ekyo lwe kirituuka, ayi Katonda, nsaba onnyambe nnywerere ku mulimu gw'enjiri, nga ndi mwesigwa! Nnyamba! Sifaayo muwendo gwenkana wa gwe nnina okusasula, oba bintu bimeka, bye nnina okukola, oba

kino, oba *ekyo* oba *kiri*. Nnyamba nsigale nga ndi mwesigwa eri Ekigambo kya Katonda omulamu, kibeere nti olunaku olwo bwe lulituuka ndisomoka ne ŋŋenda emitala eri, ne ntunulatunula wonna emitala ne ŋŋamba nti, "Nkusisinkanye. O, mukwano gwange omwagalwa, muganda wange omwagalwa, mwannyinaze omwagalwa."

228 Ggwe omubuulizi omuto, yingira mu mulimu gw'enjiri, sigala ku buvunaanyizibwa. Mmwe mwenna ababuulizi abato n'abalala, temutuula butuuzi awo. Totuula butuuzi awo nga tolina ky'okola. Fuluma ogende obeeko emmeeme gy'oleeta. Baako ne ky'okola! Simbula, ogende. Toyimirira, ggwe omubuulizi omuto ali erudda awo. Katonda awe omukisa omutima gwo.

229 Anzijukiza ebiseera we nnali mu myaka egyo, ndowooza, ob'olyawo nnali muto n'okumusinga. Nnali nnaakaweza emyaka abiri we nnasimbira awo ejjinja eryo ery'okunsonda. Nzijukira nnateranga okwambala ekkooti eya bbululu n'empale njeru, ne nnyimirira awo ne nsimbawo ejjinja eryo ery'okunsonda emyaka nga asatu mu gumu emabega. Mulaba bwe nnali nnenkana, nnali nkyali kavubuka kato. Ne nnyimirira awo, ne nsimba ejjinja eryo ery'okunsonda. Ssekkiriranyangako wadde ku Kigambo ekimu bwe kiti. Nkikuumidde ddala nga bwe nnali nkikkiriza mu biseera ebyo we nnasimbira ejjinja eryo ery'okunsonda. Obujulizi bwange bwaziikibwa munda erudda wali, ku lumu ku mpapula za Bayibuli ezisemba emabega kwe nnabuwandiika, ne mbuyuzaamu ne mbuuziikira mu jjinja eryo ery'okunsonda, era na kati bukyaliyo. Era nsaba buwandiikibwe ku mpapula z'Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo mu Ggulu. Nsaba nnyimirire nga ndi mwesigwa okutuusa ku nkomerero.

Leka kaakano tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera tusabe.

230 Nga tumaliriza ekiro kino, nga tuwumbawumba, ku ssuula eno emu, gye tutamazeeyo bulungi. Mwetaaga mutegeere n'ekitundu kiri ekirala, eky'ogera ku ngeri gy'agenda mu maaso n'ateeka Ekkanisa mu kifo kyayo. Lumu ndikibabuulirako, Katonda nga ayagadde. Kati nnina okusooka mpummulemukko nga ssinnagenda mu Chautauqua, mu lukuŋŋaana olulala gaggadde, bwe nnaava eyo ŋŋende mu Oklahoma, bwe nnavaayo nneeyongereyo mu kitundu ky'ebiyiriro bya Klamatha Falls, bwe nnaava mu kitundu ky'ebiyiriro bya Klamath Falls nsale ŋŋende e California, okutuuka mu Yakima, sijja kudda okutuusa mu Agusito nga 15.

231 Naye mulabeeyo, muleke mbeeko ne kye mbabuuza, singa wabaawo ekikutuukako oba ekintuukako nga ekiseera ekyo tekinnatuuka, singa nsomoka omugga ne ŋŋenda mu Nsi eyo, oba singa osomoka nga ekiseera ekyo tekinnatuuka n'ogenda mu Nsi eyo, ddala owulira nga oli mukakafu ekiro kino nti tulisisinkanayo mu Kifo ekyo? Bw'oba owulira nga oli

mukakafu, yimusa omukono gwo, nga ogamba nti, “Mpulira ndi mukakafu mu mutima gwange.” Katonda awe omukisa omutima gwo. Katonda akuwe omukisa. Wano bwe wabaawo omuntu yenna atawulira bukakafu mu ye nti alibeerayo, nga wandyagadde okugamba nti, “Nzijukira, Ow’oluganda Branham, nange mbeere n’obukakafu obwo,” yimusa omukono gwo ggwe agamba nti, “Nange, njagala mbeereyo.” Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa.

232 Kitaffe ow’omu Ggulu, tuleeta gy’Oli ekibiina kino ekiro kino, buli mukono, nga bwe mmanyi, gubadde guyimusiddwa waggulu, gyonna okuggyako ogw’omuntu omu, emmeeme emu ey’omuwendo eri erudda wano eno, atalina bulungi maanyi eyeebuuza oba nga anaasomoka n’ayingira mu Nsi eyo, awali okwagala okw’Obwakatonda okwa nnamaddala okumala mu mitima gyabwe, okukka mu mutima gw’omukyala oyo omwagalwa, asobole okutuuka mu Nsi eyo singa afa ekiro kya leero, kusitule emmeeme ye ekooye okugiyingiza mu Nsi Ensuubize eya Katonda?

233 Kitaffe ow’omu mu Ggulu nga bwe nnyimiriddenga wano mu kituuti kino ne mbuulira, ne ntuuyana, ne nkaaba, ne nneesengereza, ne nsendansenda, njagala nkusabe omulundi omulala gumu nate, ayi Mukama, nsaba nkusabe ku lwa mwannyinaze ali emabega awo; Ayi Katonda, teeka mu mutima gwe, ekiro kino, okwagala okwo okw’Obwakatonda, Omwoyo oyo Omutukuvu owa Katonda, emirembe egyo egisukkuluma okutegeera kwonna, asobole okusembeza Omwoyo Wo, ateekebweko akabonero n’Omwoyo Omutukuvu okutuusa ku lunaku luli. Njagala mmulabe, ayi Mukama, bwe tulisomoka olutindo. Bwe kiba—bwe kiba nti—bwe kiba nti akaseera kange katuuse ak’okusomoka, bwe kiba nga ekyo kye Wandaga kya nnamaddala, ekiseera ne kituuka ne nsomoka ne ŋŋendayo, njagala mmusisinkaneyo, mmulabe nga ajja adduka ankwate mu ngalo, aŋŋambe nti, “Mwannyinaze omwagalwa, kyali kiro ekyo Ekintu lwe kyaŋŋamba nnyimuse omukono gwange, bwe wamaliriza okubuulira ku Kitabo ky’Abaefeso. Era nnayimusa omukono gwange, era waliwo eky’enjawulo ekyantuukako oluvannyuma lw’ekyo. Era kati nzuuno. Kaakano nnadda buto era bwe nnaasigala emirembe gyonna.” Ayi Katonda nkusaba okiwe omwagalwa oyo.

234 Eri bano abayimusizza emikono gyabwe nti baateekebwako akabonero ak’Omwoyo Omutukuvu, nti baliko Omwoyo wa Katonda, era baafuna Omwoyo Omutukuvu, baateekebwako akabonero ne basibirwa mu kwagala kwa Katonda okwo mu mitima gyabwe. Nga tubakwebaliza.

235 Nga nkitegeera, ayi Kitaffe, nti entambi zino ez’amaloboozi zijja kusaasaanyizibwa ebweru eyo wonna nsi. Ndaba waliwo obuzindaalo bungi obuteekeddwa ku kituuti kino, ekitegeeza nti waliwo entambi ez’amaloboozi eziri mu kukwatibwa, nga

zeetooloola zikwata ebyogerwa, ekitegeeza nti Eddoboozi lijja kuba lisaasaanyizibwa mu mawanga ag'enjawulo mu nsi, okwetooloola ensi yonna, era nga Liriwulirwa mu mawanga nga amakumi abiri oba amakumi asatu. Nsabira buli muntu awuliriza olutambi luno, atannafuna ssuubi eryo ery'Obulamu Obutaggwaawo, atannafuna kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, nsaba Akke mu mitima gyabwe mu buwoomu. Nkusaba okikole, ayi Mukama.

236 Era nsaba nti, bwe ndiba ssizzeemu kubalaba nate mu bulamu buno, bwe ndisomoka ne nnyingira mu Nsi eyo, nsaba bajje nga badduka bampambaatire (nange mbawambaatire, olwo nze nabo, ffenna wamu twogerere waggulu nti, "Muganda wange omwagalwa!" buli omu eri munne), baŋŋambe nti, "Nnawuliriza olutambi lwo lwe wabuulira olukwata ku Abaefeso, nga oyogera ku ngeri Katonda gye yatuteekerateekera eri Obulamu Obutaggwaawo, era ku lutambi olwo kwe nnasembereza Eddoboozi lya Katonda ne nteekebwako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu ne nsibirwa munda mu Bwakabaka bwa Katonda." Kikkirize, Kitaffe.

237 Wonya bonna abalwadde n'abanyigirizibwa. Weetwalire ekitiibwa kubanga bino byonna tubiwaayo gy'Oli mu kufuba kwonna mu Linnya lya Yesu, Omwana Wo. Amiina.

238 Wano waliwo omuntu yenna omulwadde nga yetaaga okuteekebwako emikono asabirwe? Musobola okuyimusa emikono gyammwe? Kale. Musobola okutambula mpolampola, kaakano, ne mujja wano ku woolutaali, mugire nga muyimiridde wano, nga Ow'oluganda Neville bw'ajja ne. . .

239 O, kino kirabikanga, okusabira abalwadde, ki—kirabikamu nga okuva awantu w'omanyi obulungi nti w'oyimiridde, ddala. Katonda bino byonna ebikwata ku bino abimanyi.

240 Bwe mpulira oluyimba olwo. . . Kino mukijjukire, bwe muliba mukyali balamu nga nfudde, munkubiranga oluyimba luno: *Kkiriza Bukkiriza*. Mujjukiranga nti, ndiba siri mufu, ndiba siri wala nnyo okuva we muli nga nduwuliriza. Sisobola kufa; Yesu yampa Obulamu Obutaggwaawo; ajja kunzuukiza ku lunaku olw'enkomerero; ndibalaba. Era naawe singa ogenda, nja kukkiriza ekintu ky'ekimu ku lulwo. Nzikiriza tuliddamu nate ne tulabagana.

241 Bwe ntunuulira, omukyala ono omulungi ayimiridde wano alina envi. Oli Mukristaayo? Wajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, omulindiridde okujja, nga oyimiridde wano olinze bulinzi Lyato okujja. Amiina. O, mwannyinaze. . .

OKUTONGOZEBWA 4 LUG60-0522E
(Adoption 4)
OBUBAKA BW'OKUTONGOZEBWA OBUDDIRIŋŋANA

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 22 Maayi, 1960, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org